rizibwa kuva mu Buganda, yalengererawo nti Abaprotestanti nabo bajja kuvaamu, ate Abakatoliki balemesebwe okwerwanako ku Basiraamu.

Mu kwanjula kwe yawandiikira Omukulu wa Kampani n'akufundikira nga 7 January, 1891, Lugard yasaba okudduukirirwa eggye ly'abaserikale abatendeke obulungi 500. Yagamba nti Abaami baagala nnyo okujulira gy'ali abamalire empakawaka obulungi, nti naye okulamula oba okubyetabikamu kwa bwereere nga siwali kisobola kuwaliriza bantu kugondera nsala.

Mu kusaba abafuzi ba Kampani abanaatwala Busoga, Buddu, Ankole ne Kooki, yawandiika ati :

> " Abafuzi bano ab'olubeerera basaana baleme kwetabika mu mirimu gya safari. Okunyumya n'okuteesa obutasalako omubaka (Resident) kw'alituukiramu kulimumalirako ddala akaseera ak'eddembe okubaako kye yeekolera. Nze amajja, emirimu kata ginzite : okuva ku matulutulu okutuusa akawungeezi nnabeeranga ku gwa kutambula na kutegunkana ku gwa nnamba gye najja nayo, ete nno ne ntuusa ettumbi oba okweyongerayo mu nkoko nga nkyakola ekifaananyi ky'ekkubo kye nnaliko, era n'okuwandiika ekitabo mwe nnyingiza bye ndaba. Naye nno okulabira ku butassa mukka okw'omulimu gwe nnagwako kasooka nsimba kuno kigere, egyo sigyabanga mirimu kwali kubalaata."

Mu makkati ga January, Lugard n'atandika okuzimba ekigo kye. Okuteerera ne kutandikirawo, n'eŋŋambo ne zibuna nti Kabaka n'Abakatoliki balowooza nti yali yeenyweza alyoke abazinde nga Kaptaani Williams atuuse. Kaptaani Williams aba ali kumpi okutuuka e Mmengo, abatiiririzi babiri abaava mu ggye lye ne bajja baluseetulira abantu nti ajjirira kulwana, nti alina essanduuko amakumi abiri ez'ebendera z'ayagala okukaka buli mwami akkirize ; nti Kabaka ne Katikkiro ba kugobwako ; nti Abangereza ggwanga lya batiitiizi, baawa ne Bamasai ab'amafumu obufumu omusolo, okubakkiriza okuyita mu nsi yaabwe ; nti omuzinga byekwaso, gukuba essasi limu limu ng'emmundu endala ; nti Abadaaki be bassenkaggale bokka ku lubalama (e Mombasa) era Abangereza sibalina baserikale na ntuumuusi nga bo ; nti Abangereza baawa Sultani w'e Zanzibar obutwa ; n'ebirala bingi ebiringa ebyo.

Lugard kwe kukuŋŋaanya abaami n'ayogerako nabo n'abakkakkanyaamu. Kyokka era ebigambo sibyatereera bulungi, newakubadde obwesige bwajja budda mpola-



mpola n'abantu ne batandika okuleeta emmere nga tibakyatya.

Lugard bwe yafunanga akaagaanya okuwummulako ku ddimu erya buli lukya ery'obufuzi, n'akwata ku nsonga ezimu enkulu ezaali zitannatereezebwa. Bwe yasooka okugezaako okutereeza eby'ettaka, katono bizaale entabwe olw'ensalambi ya Kabaka. Eky'amawanga amavujjirizi (ga Buganda) yakituggira ku butannatuuka kuteesebwako. Bye yakirowoozangako yabiwandiika bw'ati :

> " Amawanga agasolera Uganda okuva ku Mimaanya, Misuuna, Miteesa n'Emyanga, ye Bunyoro eryasolanga omunnyu, amasanga n'enkumbi(1) ; Busoga, masanga ; Kiziba, nsimbi na baddu ; Buzuiga (Buzinja), ngoye, mmundu na nnyere ; Karagwe, mbira, nte na baddu ; Ukerewe, ngoye, mbira, mmundu, na masanga. Busagala lyatonanga birabo bya mbazzi na bwambe, naye si musolo. Ndowooza nti amawanga ageefuga gokka era agatalina bbanja-ggwole ku Uganda, bwe galekerwa obuggagga bwago bugakuze lwe gandisinze okugenda mu maaso."

Stokes yatuuka nga 5 February n'ayagala okuguza Lugard emmundu 250 n'amasasi ku ggwendo ery'obuwanana Lugard lye yagaana. Yalayira obutaleeta buganga Buganda, n'agamba nti n'omulimu gw'Abadaaki ajja kuguvaamu era ayagala kusenga Imperial British East Africa Company. Yasitula n'agenda nga 15.

March 10 lwatuuka ekigo ky'e Kampala kiwedde, nga n'Abaganda batonotono bawandiikiddwa mu bujaasi (police). Mwanga n'agunja omukwano muzibu ku Lugard, era n'addiŋŋananga bulijjo nti Lugard yawonya ensi ye, nti ayagala ensi ye agifuze bwenkanya era mu byonna agendere ku bya mubaka wa Kampani. Yagamba nti Lugard " kye kitanda kye, ye mmere ye, ye nju ye, bwe buyinza bwe, nti era talina ky'ayinza kukola we ssiri." Lugard yawandiika nti :

> " Kyokka era nneeraliikirira nti tasobola kufuzisa bwenkanya, nti n'endowooza ennungi egenda emuggweeramu ddala. Yatuwa ekibanja ky'e Kampala n'atuweerako n'ettaka ggazi nnyo erikyetoolodde. . . . "

Mu March, ababaka abaawerekera Jackson e Mombasa baakomawo, ne wabaawo olukiiko lunene nnyo nga 1 April, okuwulira bye banjula. Samweli olwokuba nga ye yali omwami asingako ekitiibwa, yayogera n'annyonnyola bye baalaba mu kkubo n'engeri gye baayanirizibwamu nga

(1) Enkumbi Lugard aziyita " Spades " mu Lungereza kubanga enkumbi eŋŋanda zaakolebwanga nga bitiiyo.

batuuse eri, n'oluvannyuma n'akyatula nti Buganda eri mu kitundu kya Bangereza. Yakyatula bw'akankana naye tiwaali kunyega.

## 8

## KAPTAANI LUGARD N'ENDAGAANO YA 1892

Ku ntandikwa ya April, 1891, ebibiina Ebikristu byombi ne byeyimba okulumba Abasiraamu, abaali basindika ebikwekweto ebitata mu nsi. Eyalitwala ye Katikkiro, ne liwerekerwa Lugard ne Williams mu lyabwe ery'omuswaba eryalimu basserikale 300 n'abeetissi 300. Eggye ery'Abaganda lyaweramu emmundu ng'enkumi nnya mu lusanvu ko ab'amafumu nga mutwalo gumu mu enkumi bbiri.

Olwamaliriza tooliito w'okulonda omugabe, nga Katikkiro asaba bendera ya Bangereza (Union Jack) ye eba ebeera ebendera y'eggye. Kye yasaba kiba kumukkirizibwa, si kulwa ng'ekibiina ky'Abakatoliki oba "*Abafransa*" kyonna kyandyeremye okugenda, ate ekibiina ky'Abaprotestanti oba "*Abangereza*".nabo tibandigumye kuleka Bakatoliki Mmengo bokka. Sinakindi, kyalagaanirwa ddala ng'endagaano ekolebwa nti ebendera si ya kukakibwa ku bantu.

Lugard kwe kukuŋŋaanya abaami bonna "*Abafransa* n'*Abangereza*," n'abategeeza kalunsambulira aguddewo, nga takirumamu, n'abagamba okudibya okuyitagana "*Abangereza n'Abafransa*" na buli omu yandikkirizza ebendera y'Abangereza. Kyaddaaki ne kikkirizaganyizibwa nti Katikkiro ne Pokino batwale ebendera y'Abangereza, abaami Abafransa bo baleme kugezaako kugikaka ku bantu baabwe. Olwo enjuyi zombi ne zituuka ku kusajjalaata. Abaprotestanti ne bakumba n'ebendera ya Kampani, ne baba basajja ba Kampani; ate bo Abakatoliki ne beekalakaasa ng'abaagazi b'ensi yaabwe abagaanye bendera y'abagwira, ne basobola n'okujeeja nti ebendera ya Kampani kabonero bubonero ka kibiina kya Baprotestanti, Lugard kye yassangako bulijjo emmeeme okugaana. Obuzibu n'enkaayana Lugard mwe yabeeranga bwe byabanga bityo.

Kyagezebwako nnyo okuteesaganya n'Abasiraamu era n'ababaka baabwe ne bajja mu lusiisira lwa Lugard. Baagambibwa okuleeta Mbogo n'okusuula engabo. Nga si ekyo, bakkirizibwa okulamaga emirembe okutuuka ku lubalama e Mombasa nga basiimye okuviira ddala muno. Baasooka ne bakkiriza okuwaayo Mbogo, naye oluvannyuma beejuumuula ne balondako kya kulwana.

Nga 11 May, 1891, Abasiraamu nga bayambibwa Kabalega ow'e Bunyoro baalabwa mu nkoona ekirinnyamutikka. Lugard yayagala okubagoba olumegere abatuuse e Bunyoro azinde ekibuga kya Kabarega, naye Abaganda ne basiimako kya kuddayo Mmengo. Williams yaddayo nabo, Lugard n'awaguza ng'alaga ku bukiika bwa ddyo n'atuuka e Buddu.

Embeera y'omu Buganda yalemerayo ng'ekyali nkakanyavu nnyo. Anti Abaprotestanti, Abakatoliki, Abasiraamu n'abakaafiiri baali awo. Kabaka Mwanga wa nkwe, mutiitiizi ate munafu. Abazungu abaminsani bawalanagana, ate ku bo sikuli asanyukira kufaabiina kwa Lugard. Kabarega ow'e Bunyoro akijjanya Buganda ayamba Abasiraamu. Aba Makkati ne Basenoussi nga nabo beeriisa nkuuli mu Sudan eri. Omudaaki Emin Pasha naye ng'atigoma mu bugwanjuba bw'ennyanja Nnalubaale mu kitundu ky'e Bukoba.

Ekyavaamu Lugard kwe kukakasa nga bw'ataafune ggye kkulu mangu tebijja kusoboka. Yali amaze okutegeeza Omukulu wa Kampani ebimuluma, naye nga teri ssuubi kufuna bantu Mombasa. Kyeyava aggyamu kya kugezaako kuyingiza Basudani, Stanley ne Emin Pasha be baali balese emitala w'eno ku nnyanja Muttanzige. Mu June, 1891, yava e Buddu n'agenda ku kino n'akifuna. Olwokuba nga bangi ku Basudani bano oluvannyuma beetaba mu kujeema kw'amagye (g'Abanubbi) mu Uganda, abantu abamu kwe kunyooma Lugard olw'ekikolwa kye kino. Sir Harry Johnston yakisala mu ngeri enyuma okusoma gye yawandiika mu 1902 bw'ati:

"Kyategeezeddwa dda mu byafaayo bino ebifunze nti Captain Lugard bwe yatuuka mu Uganda nga mubaka wa British East Africa Company mu 1890, yavumbula mangu nti okubeera lukulwe mu kutereeza Uganda, ateekwa okubeera n'eggye ly'abasajja abatali Baganda abeekapise amanzambu n'ebirala eby'okulwanyisa. Okweyambisa Abaprotestanti okutalira Abakatoliki oba Abasiraamu



MAKERERE UNIVERSITY LIBRARY

Abaganda okutalira bannaabwe Abakristu, kwandibadde kuwujja bannansi kulwanagana bokka na bokka. Ate Abaswahili ebikumi nga biibyo eb'emmundu abaava e Mombasa—abapakasi obupakasi ab'emmundu abataayigirizibwako na bya ntalo—lyali jjenje kkalu eriteesigibwa nga wabaddewo ekimu ku bibiina by'omu Uganda ekyefuulira ababaka ba Kampani oba abaminsani Abangereza. Kyeyava amalirira okuleeta Selim Bey n'abaserikale ba Emin abaali basigaddewo nga basiisidde ku kkono w'ebugwanjuba bw'olubalama lw'ennyanja Muttanzige. Lugard nno ye yaleeta abaserikale Abasudani mu Uganda. Naye okuggyako ekyo, kizibu okulaba kye yandikoze, okunyweza emirembe wakati w'ebibiina ebivuganya, n'okunyweza obufuzi bw'Abangereza. Olwo nga sikisuubirwa nti mu kakyo ako abaserikale Abayindi bandisobodde okuweerezebwa mu Uganda—era nga sikisoboka kufuna baserikale balala batendeke bayinza kugumira nsi eno, ate nga sibalina ke beeguya mu Uganda.

Naye nno okuviira ddala Abasudani lwe baatuusibwa mu nsi eno ey'okufuuka Enzibirwa (Protectorate) oluvannyuma, n'okuleebeeta nabo ne kutandika. Abasinga obungi mu bo baabanga baddu edda, kwe kubeera abakambwe abatabaliriza ng'Abanubbi Abasuubuzi b'abaddu, bano kwe baggya erinnya, n'endowooza, n'eddiini, mwe baali. Bwe baalekebwa e Toro mu mikono gy'omugenzi Mr. de Winton, baali basuubirwa okubeera ng'abawagira Kabaka Kasagama, Lugard gwe yali awaŋŋamizzaawo okufuga ensi eyo; naye ebiwendo byabwe, obunyazi n'okukwata abakazi nga bya ntiisa okukira n'ebyonoono by'abatabaazi ba Kabarega. Abasinga obungi mu bo wamu n'empeekera zaabwe ne bakazi baabwe abalinga enzige, bwe baggibwa e Toro ne bassibwa we baasinga okukumirizibwa obulungi mu Uganda, baayamba nnyo mu kulwanyisa Abanyoro n'Abaganda abajeemu mu myaka eggyaddirira nga Lugard amaze okuddayo, okwali n'omulimu ogwasooka ku kusamba ekkubo ly'eŋŋanzikizo, za *railway* nga bikulirwa Kaptaani (kaakati Colonel) J. R. L. Macdonald ne Kaptaani Pringle, era n'okuteekateeka kwa Major Cunningham okw'eggye eryezizika eby'okulwanyisa. Abasudani bano abazira abatadda nnyuma, engeri gye baatigomyangamu n'okufufuggaza nnamunkukumbo w'Abanyoro, Abaganda n'Abaima, ya-



baleetera okulengezza ennyo bannansi abakaafiiri n'Abakristu ab'omu ttwale lino Ezzibirwa. Baali Basiraamu ba katinko; omweru nga bamunyoomera muli nti mukaafiiri, ate nga balokompoka buteddiza olw'okuwangawo obwakabaka obusiraamu obwabwe ku bwabwe mu nsi zino eŋŋimu ez'okwetyotyoggolera. Ate ekirala, oluusi ababatwala tibaalondebwanga batuufu abalinga Major Cunningham ne nguli Major Thurston abaasobolanga waakiri okunyumya ne basajja baabwe mu Luwarabu lw'e Misri. Abangereza abatali bamanyirivu nnyo ku bya ntalo namaddala, abatamanyi na ku Luwarabu, oluusi be baaweebwanga okutwala Abasudani bano be bataggukamu n'akatono mu nkwe zaabwe (olw'obutamanya lulimi lwabwe), era be batasobola kufunako bwesigwa na mukwano olw'okuyiiya ag'okubakalalira n'obutabagirira kisa."

Okutuuka mu August, 1891, bonna nga bafaanana ng'abaagala Lugard era abategedde nti atakabanira bya nsonga. Naye okwezimuukiriza nga kaali kaseera buseera ka kussa kikkowe. Mu bbanga eryo, Abakulu ba Kampani baali bali mu kutegeeza Gavumenti y'e Bungereza nti olw'ensimbi okubakeewako, banaawalirizibwa Buganda okugira nga bagiggyamu enta. Omwaka bwe gweyongerayo ate ne bategeeza nti baafuna ensimbi ezaava, okusinga, mu Church Missionary Society ezinaabasobozesa okugira nga bafaabiinako okutuuka ku nkomerero ya 1892; naye mu kaseera ako ne wabaawo abaminsani Abafransa abaava e Bulaaya abaatuuka e Buganda ne babunya ekigambo nga Kampani bw'eteekateeka okulekulira.

Kya nkukunala nti omwaka 1891 okugenda okuggwaako, ng'olutalo sirukyaziyizika kubaluka. Akasandali we kaagwirawo, ekyakaleetera ddala ye Muprotestanti eyattibwa Omwami Omukatoliki mu lumu ku nguudo z'e Mmengo ennene mu ttuntu nga 21 January, 1892, Mwanga n'agaana okuwaayo omutemu abonerewebwe, wazira n'atumira Lugard mu kumuvuma. Omuprotestanti ow'okubiri yattibwa Omukakoliki ku Sande nga 24 January, ebibiina byombi kwe kubakana ku olwo. Bwe bwakaawa, nga tekyali ssuubi lya mirembe, Lugard n'agabira Abaprotestanti emmundu ez'enfissi (ku baserikale be) alyoke yenkanyenkanye amaanyi g'ebibiina byombi. Ekibiina ky'Abakatoliki kyasinziira ku kino, ne kimuvunaana nnyo oluvannyuma.

Awo amasasi kwe kwesooza okukira entooketooke, olutalo ne lutana. Abaprotestanti ne balulinnyako nga bayambibwa abaserikale ba Kampani. Kabaka n'Abakatoliki ne baddukira ku bizinga. Abasaserdoti baddusibwa e Lubaga ne bakolerwa eby'obuntubulamu n'ekisa mu kigo ky' e Kampala.

Gavumenti y'Abangereza n'ey'Abafransa zaawandiikiragana nnyo ku nsonga y'olutalo luno, nga Gavumenti y'Abafransa evunaana engassi ku lw'Abaminsani Abafransa. Mu kuwandiikiragana okwo omukulu akola ku by'Amawanga mu Bungereza (Foreign Secretary) yagaana okukkiriza nti Gavumenti evunaanyizibwa ensobi za Kampani ezaaweebwa ebbaluwa, era n'agamba nti Kampani ng'eyo w'etabaganira ddala obulungi ne Gavumenti tiwannyonnyolekeka. Kino nakyo kisaana kwetegereza ; kubanga mu mazima ab'omu Buganda bonna Lugard baamuyitanga mubaka wa Kwini Victoria ne Gavumenti Engereza.

Mwanga yatumirwa akomewo, ng'asuubizibwa n'okuzzibwa ku Bwakabaka, nti eby'entegeeragana biriteesebwa ng'atuuse. Mwanga kwe kuddamu nti yeetaaga nnyo okudda, naye anti ali mu busibe. Oluvannyuma Ssebbowa ne Kimbugwe ne batuuka nga be babaka ba Mwanga, naye Lugard n'agaana okubaako ky'ateesaganya nabo okutuusa Mwanga mwene lw'alijja. Awo Ssebbowa n'addayo n'abaami Abaprotestanti babiri n'asobola okuyamba Mwanga okubombayo.

Mwanga yatuuka nga March 30, n'ayisibwa bulungi nnyo. Olwo ng'abalirwa mu Baprotestanti (omanyi yagenda okufa nga yakayuugana enfunda nga nnya mu ddiini); ebendera ya Kampani nga yeewuuba mu lubiri lwe.

Eby'okugabana mu nsi nno ne bireeta omutawaana, naye nga 5 April ne kikkirizaganyizibwa Abakatoliki basigaze Buddu gye baasengukira okuva e Kyaggwe mu wiiki ntono ezaali zaakayita.

Mu kiseera ekyo Mwanga ng'asiima nnyo Lugard. Ng'agamba nti kaakati yenna muntu wa Kwini ddala ddala, nti era takyaviiranga ddala ku magezi ganaamuweebwanga Lugard.

Nga 11 April, 1892, endagaano endala n'ereeterwa Mwanga n'abaami n'ebannyonnyolwa bulungi ; bonna ne bayaayaanira okugissaako emikono. Okugikyusa okuva



mu Lungereza okuzza mu Luganda egamba bw'eti :

" Nze, Mwanga Kabaka wa Uganda, wano nkoze Endagaano eri wammanga (ekulire endagaano zonna ze nnali nkoze n'abantu), ne Captain F. D. Lugard, D.S.O., Omwami mu ggye lya Her Majesty Kwini Victoria, Kabaka wa Bungereza, etc., akoze obw'omu ku lwa Imperial British East Africa Company (eyakakasibwa ebbaluwa y'Obwakabaka) ; nga Captain F. D. Lugard, D.S.O. ayogeddwako alina obuyinza obujjuvu okukola n'okukakasa endagaano eno ku lwa Kampani eyogeddwako. Ate ku Ndagaano eno abufuzi abakulu n'abaami ab'ensi yange bataddeko obubonero bw'amannya gaabwe okukakasa nga bwe bagikkirizza ne bwe bagisiimye :

*Okuteetula* 1. Aba Imperial British East Africa Company be tunaayita " Kampani " mu binaddirira bakkirizza ku luuyi lwabwe okuwa Obwakabaka bwa Uganda obuzibizi, n'okukola kye basobola kyonna okubunywezaamu ebyeyagaza mu ddembe ne mu kwesiima. Okukuza obugunjufu n'obusubuuzi bwamu, n'okussaawo engeri y'obufuzi n'enteekateeka eneesobozesa bino okutuukwako.

*Okuteetula II*. Nze, Mwanga, Kabaka wa Uganda, mu linnya ly'abaami bange n'abantu bange, n'obwakabaka bwange, wano nzikiriza okukulirwa Kampani, era nti obwakabaka bwange buli mu kitundu kya mu buyinza bwa Bangereza nga bwe kyakkirizaganyizibwa Amawanga Amalaaya. Olw'okutegeeza ebyo, nneerayiridde mpanikenga ebendera ya Kampani, so si ndala, mu kibuga kyange ne mu Bwakabaka bwange bwonna ; n'obutakolera Omuzungu ow'eggwanga lyonna, ndagaano oba kuwa bberya lya ngeri yonna, wadde okukkiriza okusenga mu Bwakabaka bwange n'okulyamu ettaka oba obwami bw'omu bufuzi, ng'omubaka wa Kampani mu Uganda (anaayitibwa " Resident " mu binaddirira) tategedde era takkirizza.

*Okuteetula III*. Resident ye anaalamulanga enkaayana n'ennyombo ez'Abazungu n'Abazungu mu Uganda, ng'Omutawuluzi. Ettaka lyonna erinaafunibwanga Abazungu mu Uganda lineetaagangako okukkiriza n'okukakasa kwe, era linaawandiikibwanga mu ofiisi ye. Emmundu zonna ezinaabanga n'Abazungu ne basajja baabwe, Resident anaaziteekangako akabonero n'okuziwandiika. Enso-

nga yonna efa ku Bazungu gy'anaagimaliranga gy'eneggweeranga, ng'esigalidde kimu kya kujulizibwa eri buyinza busingawo obwa Kampani. Abakozesebwa Kampani bonna banaagenderanga ku biragiro bya Resident byokka.

*Okuteetula IV.* Resident anaamalanga kukkiriza ne Kabaka n'akwata by'amubuuliridde nga tannagaba lutabaalo, era ne mu nsonga enkulu era ezirwanirirwa, n'ebigambo by'obufuzi, ng'okulonda abaami mu bifo ebikulu, okugereka emisolo n'ebirala.

*Okuteetula V.* Abaminsani, kwe kugamba abo abeemalidde ku kubuulira Eddiini n'okuyigiriza amagezi n'obutetenkanya bw'obugunjufu, banaabeeranga ba ddembe okutuula muno, aba buli ddiini yonna, n'ebyetaago n'okwetaaya kw'eddiini zaabwe kunassibwangamu ekitiibwa. Wanaabeerangawo ddala eddembe ly'ensinza. Siwaabenga awalirizibwa kusoma ddiini gy'atayagala.

*Okuteetula VI.* Ku bintu bya Kampani n'abakozi n'abaweereza baayo sikusoloozebwengako misolo.

*Okuteetula VIII.* Ensimbi z'ensi, zinaasasuliranga nga bwe kinaalabwanga kisaanye, ensimbi ezinaagendanga ku kulongoosa n'okutereeza ensi kwennyini, ensimbi ezinaakolanga ku by'abaserikale baamu, n'ebirala. Okukola ku by'engeri eyo Kabaka anaawangayo abakozi n'awa n'obuyambi bwonna.

*Okuteetula VIII.* Emmundu zonna za kuwandiikibwa ziweebweko n'ebbaluwa. Emmundu ezitali mpandiise za kuboyebwanga. Okuleeta muno emmundu n'amasasi kuwereddwa.

*Okuteetula IX.* Abasuubuzi aba buli ggwanga banaabeeranga ba ddembe okujja mu Uganda kasita bataaleetenga wadde okwagala okutunda ebyagaanibwa Endagaano y'Amawanga.

*Okuteetula X.* Obusuubuzi oba ebiwendo by'abaddu, oba okuggya muno oba okuleetamu abantu ab'okutunda oba okubawaanyisa ng'abaddu, kuwereddwa.

*Okuteetula XI.* Kampani eneewaŋŋamya obuyinza n'ekitiibwa kya Kabaka, n'entegeka y'Olukiiko lwe eneesigala nga bw'eri.

*Okuteetula XII.* Endagaano eno eneegobererwanga ennaku zonna oba okutuusa lw'erimenyebwawo oba



lw'erikyusibwa ng'enjuyi zombi ezigikoze zikkirizaganyizza. Ekoleddwa leero nga 30 March, 1892.

(Ku lwa Imperial British East Africa Company)
(Mikono gya) F. D. Lugard, Captain 9th Regiment.
Resident mu Uganda.

Mwanga kabonero ke kati " X," Kabaka wa Uganda. Nkakasa nti omukono gwa Mwanga gwateekebwako nga ndaba nti era kyava mu kwagala kwe.

Omujulizi (Mukono gwa) W. H. Williams, Captain, Royal Artillery.

April 11, 1892.

(Mikono) Katikkiro Apollo Kagwa, Katikiro wa Uganda.
Kimbugwe, Kaggo, Mugema.

(" Kimbugwe " ye Sebwato, eyali Pokino, kakaati Sekiboobo, akyakola nga Kimbugwe akaseera.)
Seboa, Pokino (Mukatoliki) kabonero ke kati " X."
Sematimba, eyali Kaggo (Mukatoliki) kabonero ke kati " X."

Omujulizi ku mikono :

S. S. Bagge.
(Muswairi)

(Ku lwa Imperial British East Africa Company),
(Mikono) F. D. Lugard, Captain, 9th Regiment,
Omulagizi, Uganda.
Mwanga Kabonero ke kati " X."

Nkakasa nti omukono gwa Mwanga ogwo waggulu guteekeddwako nga ndaba era kivudde mu kwagala kwe.

(Mukono gwa) W. H. Williams, Captain. Royal Artillery. April 11, 1892.

(Mikono) Seboa, Pokino (Mukatoliki) bwe bwami mw'ali, eyali Sekiboobo, kabonero ke kati " X."
Sematimba, eyali Kago (Mukatoliki) kabonero ke kati " X."

Nkakasa nti obubonero obwo waggulu buteekeddwako nga ndaba ku lunaku luno olwo 7 May, 1892, nga be beeyagalidde.

(Mukono gwa) S. S. Bagge.

(Mikono) Duwalira, Kangao, kabonero ke kati "X."
Abadallah, Pokino, Lutaiah, Mutasa, kabonero ke kati "X."
Wamala, Sekibobo, kabonero ke kati "X."
Muepi, Myasi, kabonero ke kati "X."
Sekiru, Mugema, kabonero ke kati "X."
Abdal Aziz Kago Asmani, kabonero ke kati "X."

Nkakasa nti obubonero bw'emikono gino buteekeddwako abaami Abakulu Abasiraamu nga ndaba, buli kamu nga nnyiniko ye oyo akawandiikiddwako, nga be beeyagalidde era nga siwali abawaliriza. Amannya ag'obwami agoolekeddwa ku buli omu ge gaago ge baalina mu Basiraamu nga sibannadda mu Uganda. Endagaano era yasomerwa we bali mu lulimi lwabwe mu maaso ga Kabaka mu Lukiiko olujjuvu.

Ku lwe 3 June, 1892.
(Mukono gwa) F. D. Lugard, Captain."

Mbogo yali akkirizza okudda e Kampala, akabonero k'obwesige obw'enjawulo, era mu budde obw'akalindi obwaddirira siyawunjawunja mu buwulize bwe.

## 9

## IMPERIAL BRITISH EAST AFRICA COMPANY EGGYAMU ENTA

OMUBAKA wa Imperial British East Africa Company, Kaptaani Lugard, yali akoze ogwamuleeta ng'ayita mu bizibu ebiyitirivu, n'endagaano ze yakola ne Mwanga ze zaali entandikwa y'entabagana entongole ne Kabaka.

Ebyafaayo by'endagaano ya 1900 ebikyasigaddeyo bineemalira ku byali bikoleddwa Lugard. Weewaawo Lugard tiyali mubaka wa Gavumenti Ngereza wa bwebange, naye mu Buganda yalowoozebwangamu atyo, n'ebendera ya Kampani ng'ekkirizibwa kubeera bendera ya Bungereza. Endagaano ezaakolebwanga Kampani nga bwe zeetaaganga okukakasibwa Omukulu akola ku by'Amawanga nga n'endagaano Lugard gye yasooka okukola ne Mwanga yakakasibwa mu ngeri eyo, kirabikamu



era nti Lugard yali mubaka wa Gavumenti Engereza ow'amakijjama.

Ekigambo kino ekya Gavumenti Engereza okuvunaanyizibwa okutuukiriza ebyalagaanibwa mu ndagaano ezaakolebwa Kampani, kyakulaakulana mu 1892 mu Buganda. Kampani bwe yalaba ng'ensimbi ezigigendako ku by'obufuzi mpitirivu za kifa mukokko, yalaba nga Gavumenti Engereza nayo esaanye erabeyo ekitundu eky'okudduukirira omutemwa ogwo, oba yo omugugu egwetikkire ddala yokka.

Mu July, 1891, Abakulu ba Kampani baali bamaliridde okuggya mu Buganda enta olw'okubeera ensimbi ezibagendako. Mu Augusto baategeeza Omukulu akola ku by'Amawanga ekirowoozo kyabwe, ne baddibwamu akabaluwa akategeeza eyaabwe bw'efuniddwa era akalimu okusaalirwa olw'ekyo Kampani ky'egenda okukola. Mu November waali walabiseewo ensimbi ezaasinga okuva mu Church Missionary Society, Omukulu akola ku by'Amawanga n'ategeezebwa nga Buganda eneegira efugibwa okutuusa ku nkomerero ya 1892. Mu kiseera kye kimu Sir William Mackinnon, Omukulu ddala owa Kampani yafukuutirira Gavumenti Engereza eyambe.

Lugard bwe yamaliriza okutereeza eby'omu Buganda nga n'endagaano ye ey'okubiri gye yakola ne Mwanga ewedde, n'addukaanyiriza okuddayo e Bungereza yekka annyonnyole obukakafu bw'ensonga nga bwe ziri, era awanjagire Abangereza obutalekulira nsi eno na kumenya bweyamo obwakolebwa mu linnya lyabwe. Yali tannasitula, Mwanga n'ajja gy'ali n'ayongera okumwebaza bye yali akoze. Lugard yaddamu nti ye yali atuukirizza gwamuleeta; nti naye obanga Mwanga yali asiimye, ye amuwa ga kuwandiikira bali abaamutuma (Lugard). Mwanga bwe yawulira kino n'awandiika ebbaluwa ezo ebbiri eziri wammanga n'azigobereza Lugard, emu nga ya Kwini w'e Bungereza n'endala nga ya Bakulu ba Kampani :

Buganda, Mmengo, June 17, 1892.

Ya mukwano gwange Kwini, Kabaka waffe omukulu, Nze n'abaami bange bonna tukulamusizza nnyo nnyini. Mpandiise ebbaluwa eno okukwebaza. Weebale nnyo weebalege okusindika ababaka ba Kampani okutereeza ensi yange.

Bwe baatuuka mu Buganda, saasooka kubaagala; saalowooza nti banaasobola okutereeza ensi yange. Bwe twamala okulwana, Kaptaani Lugard yampandiikira ebbaluwa n'ampita, n'anziza ku

bwakabaka bwange; ate nno n'agenda ayita n'Abasiraamu be nnali nnwanagana nabo, n'abakomyawo n'abagabira ekitundu mu nsi eno. Kaakati ensi yange etebenkedde mu ddembe, ababaka ba Kampani baagitereeza bulungi nnyo. Kaakano nkuwanjagira onnyambe; toggya Kampani mu nsi yange. Nze n'Abaami bange tufugibwa bendera ya Bungereza, ng'abantu b'e Buyindi bwe bafugibwa ebendera yo. Twegomba nnyo nnyini kitalo Abangereza bateeketeeke ensi eno. Bw'onoggya muno ababaka bano aba Kampani, munnange, ensi yange ya kuzikirira; olutalo tiruuleme kubaluka.

Kaptaani Lugard kaakati atabaganyizza eddiini zino zonsatule; wuuyo akomyewo e Bungereza; anaakutegeeza ebiri e Buganda.

Naye nneetaaga Kaptaani Lugard oyo ye omu, gw'oba osindika e Buganda, ajje amalirize omulimu gwe ogw'okuteekateeka ensi, kubanga musajja wa magezi n'Abaganda bonna bamwagala nnyo. Muntumulamu, asala mazima era mwenkanya; nneetaaga omusindike akomewo e Buganda. Awo nno, munnaffe, nyiikira okutuyamba, kubanga tuli bantu babo. Katonda akuwe emikisa era akuwangaaze.

Nze Mwanga, Kabaka wa Buganda, n'Abaami bange abakulu.

(Amannya g'Abaami amajjuvu gateekeddwako.)

| | | |
|---|---|---|
| (Mikono gya) | Apollo, Katikiro. | Matayo Myasi. |
| | Nikodemo, Sekibobo. | Kaggo. |
| | Simei Kimbugwe, Pokino. | Mugema. |
| | Yona Mukwenda. | Kayima. |
| | Zakaria Kangao. | Katambala. |
| | Abdulla Sudi Kitunzi. | Kasujju. |

Buganda, Mmengo, June 17, 1892.

Ate ebiggiddwa mu Lungereza:

Ya Bannange Abakulu ba Kampani abali e Bungereza.

Nze n'Abaami bange bonna tubalamusizza nnyo nnyini. Bannange mwebale nnyo mwebalege okutuma omusajja omukalu ng'ono Captain Lugard okutereeza ensi yange. Bannange, olubereberye, ababaka ba Kampani bwe baatuuka mu Buganda, nnasooka ne sibaagala, nga ndowooza nti bajjiridde kuzikiriza nsi yange. Bwe twamala okulwana, Captain Lugard yampandiikira ebbaluwa n'ampita n'anziza ku Bwakabaka bwange. Ate era Captain Lugard n'agenda n'ayita n'Abasiraamu be nali nnwanaganye nabo, n'abakomyawo e Buganda, n'abagabira ekitundu ku nsi eno. Kaakati Buganda eterede eri mirembe.

Captain Lugard akomyewo e Bungereza, anaabategeeza byonna ebiri e Buganda. Naye bannange, mbeegayirira obutalekera awo kunnyamba; njagala musindike Abazungu abawerako mu Buganda okugitereeza. Ekirowoozo kino nti e Buganda teri magoba kireme kubanakuwaza nti "Ensimbi zaffe zigendera bwereere" si bwe kiri, kyenva mbagamba ekyo lwa kuba nti ebiro bino ekibadde kibuzizza amasanga mu nsi eno, lwe lutalo olwakaggwa; naye nno kaakati Captain Lugard awangudde okutabaganya eddiini zonsatule; ensi agitereezezza, Kampani ejja kufuna amagoba.

Bannange, Nze n'Abaami bange twakkiriza okufugibwa bendera ya Kampani, twetaaga Kampani etuyambe okutereeza ensi eno; egijjuze amagye. Kaakati bwe muggya amagye gammwe mu Buganda ng'ensi efudde; olutalo lujja kuddamu. N'olwekyo mbasaba muleme kulekayo kutuyamba ffe Abaganda, kubanga tuli bantu bammwe. Ekirala, tubasaba, bannange, mutuleetere emmundu ez'okugula, n'ebintu eby'omugaso.

Katonda abayabenga ennaku zonna muteesese magezi ebyekuusa ku nsi yaffe eno Buganda.

Nze munnammwe abaagala.

(Mukono gwa) Mwanga, Kabaka wa Buganda, n'Abaami bange abakulu.

(Ammannya g'Abaami amajjuvu gateekeddwako)

| | |
|---|---|
| Apollo, Katikiro. | Matayo, Mujasi. |
| Semei, Kimbugwe. | Kaggo. |
| Nikodemo, Ssekiboobo Pokino. | Kayima. |
| Yona, Mukwenda. | Katambala. |
| Zakaria, Kangao. | Kasujju. |
| Abdulla Sudi, Kitunzi. | |

"Naye ffe, Abaami Abaprotestanti, twanyiigira Captain Lugard. Ke kagambo akatono ke twawandiikirako Abakulu b'Ekkanisa (Church Missionary Society) okubategeeza mmwe, abakulu ba Kampani, okutuwa omuntu omulala, eyandisobodde, mpozzi, okutusanyusa. Naye bwe waayita akabanga katono ye (Captain Lugard) n'atereeza ensonga eyali etunyiizizza, n'asanyusa ffe n'ab'eddiini zonna mu Buganda. Kyetuvudde tuwandiika nti mumutume e Buganda ogw'okubiri."

Lugard bwe yatuuka e Bungereza ku nkomerero ya October, 1892, yasanga Gavumenti ya Bungereza emaze n'emalirira obutadduukirira Kampani, Uganda eyabulirirwe mu g'omu bulago. Omwoleko omuka ogwatwala ekiseera ekitono ne gutandika, ogwannyonnyolerwamu ennyo okuvunaanyizibwa kw'Abangereza okutuukiriza Kampani bye yeesibamu okukuuma eddembe mu Buganda, era n'omugaso ogusobola okufunibwa Abangereza mu by'obufuzi ne mu by'obufunyi nga bafuze ensi eyo.

Amaanyi ga Church Missionary Society n'ag'ebibiina ebirala eby'ekisa gaakubirwa omulanga, era tikyalwa kutegeerekeka nti engeri Abangereza gye kibatuttemu omwoyo sikyasaana butafiibwako.

Nga December 10, 1892, Foreign Secretary yayatula nti Sir Gerald Portal, eyali Balozi omukulu e Zanzibar mu kakyo ako, ajja kutumibwa alyoke ayanjule ebisaanye ku by'enkolagana n'ensi eyo, era n'amagezi agasinga obulungi okugobererwa ku by'endagaano za Kampani.

Gavumenti Engereza yawa obuyambi bw'ensimbi okusobozesa Kampani okwongera okufuga Buganda okutuusa

March 31, 1893, we kyali kisuubirirwa nti Portal aliba atuuse.

## 10

## SIR GERALD PORTAL N'ENDAGAANO ZA 1893 NE 1894

SIR GERALD PORTAL, ng'awerekerwa Berkeley, R. Portal, Colonel Rhodes, ne Mojor Lwen, n'abapakasi 400 n'abaserikale bibiri mu ataano, yawunguka Kiyira nga 12 March, 1893, n'atuuka e Kampala nga March 17. Baakyalaganira ne Mwanga nga March 20. Nga 1 April, enkuuka ya Kampani yasitula e Kampala n'abapakasi baayo bonna wamu n'ebintu byonna Kampani bye yasiima okutwala n'abaserikale Abasudani bonna abaawandiikirwa e Misri.

Okuggyako bassaajenti bannakyewa abatonotono n'abaduumizi abayigiriza emyegololo (doyiro).

Ebendera ya Kampani yawanattulwayo ng'enkuuka ya Kampani egenze, eya Bungereza *Union Jack* n'egisikira. Captain Williams eyasigirwa Lugard, yasitula e Kampala nga 2 April; olwo Sir Gerald Portal n'asigala nga ye avunaanyizibwa eby'e Buganda.

Nga April 7, endagaano erimu ebyo wansi yateekebwako emikono abakulu ba Baminsani Abaprotestanti n'Abakatoliki olw'okugabana obuggya obwami n'ensi:

1. Bakatikkiro babeere babiri, ow'Abaprotestanti n'ow'Abakatoliki. Abanaalondebwa okulya obwami buno bakakasibwe Resident. Obwami bwa Kimbugwe budibizibwe.

2. Abajaasi (abakulu b'abaserikale) babeere babiri, ow'Abakatoliki n'ow'Abaprotestanti; bombi babeere ku kibuga, era babeere ba kulabirirwanga Resident.

3. Bagabunga (abakulu b'empingu) babeere babiri, omu wa Bakatoliki omulala wa Baprotestanti. Abanaalondebwa bakakasibwe Resident.

4. Lubuga abeere Mukatoliki, naye oyo aliko ng'abadde afudde budibizibwe.

5. Essaza lya Kaima, Ekizinga ky'e Ssese, n'essaza lya Luwekula, n'ebyalo bya Mwanika, okuyita mu Mayanja okutuuka ku kibuga, biweebwe Bakatoliki, okubyongera ku Buddu.



6. Abaana ba Kalema baleetebwe mangu ago ku kibuga babeere mu mikono gya Resident mu kigo munda.

(Mikono gya) Alfred, Bp. E. Eq. Africa.
J. Hirth, Vic. Ap. Nyanza.
G. H. Portal, Her Majesty's Commissioner and Consul-General.

Kampala, April 7, 1893.
(Mukono gwa) J. R. Z. Macdonald, Captain, R.E.
Bye byo byennyini:
(Mukono gwa) Ernest J. L. Berkeley.

Okulekulira kwa Kampani kwafuula endagaano ya Lugard ne Mwanga ekisassalala, nga kyetaagibwa Portal anyweze era annyonnyole obukulu n'obuyinza bw'Omubaka wa Kwini mu nsi eno, okutuusa Gavumenti y'e Bungereza lw'erimaliriza n'emulagira ebirala. Endagaano ey'ekiseera yateekebwateekebwawo, era buli katundu na buli kaboozi (mu yo) ne kannyonnyolwa bulungi Mwanga n'Olukiiko lwe, era n'alekerwako *kkopi*, n'amala nayo wiiki nga bbiri nga tannagambibwa kussaako mukono. Nga 29 May, 1893, Mwanga n'agenda n'abaami mu kigo e Kampala ne bateekerako eyo emikono ku ndagaano eyo wansi ey'ekiseera nga be beeyagalidde bokka:

" Endagaano ey'Ekiseera wakati wa Kabaka Mwanga ne Sir G. Portal

" Endagaano wakati wa Mwanga, Kabaka wa Uganda ne Sir Gerald Herbert Portal, Knight Commander of the Most Distinguished Order of St. Michael and St. George, a Companion of the Most Honourable Order of the Bath,(1) Omubaka wa Britannic Majesty Kabaka w'e Bungereza era Balozi-Omuluku ow'Africa ey'Ebuvanjuba, etc.

" 1. Olwokuba nga Imperial British East Africa Company eviiridde ddala mu Uganda.

" 2. N'olwokuba nga nze, Mwanga, Kabaka wa Uganda, nneetaagira ddala nnyo okunyweza obukuumi bw'Abangereza ku bwange ne ku lw'abantu bange n'amatwale gange; awamu n'obuyambi n'okulagirirwa mu kufuga ensi yange.

" 3. Nze, Mwanga ayogeddwako, nneerayiridde era nneesibye mu bino ebiddiridde wano ndyoke nnyweze

(1) Ebitiibwa ebyo ebibiri ebiddiridde erinnya PORTAL, birekeddwa mu Lungereza mwe bisingira okusigaza amakulu gaabyo.

obukuumi bw'Abangereza n'obuyambi n'obulagirizi obusoose okwogerwako :

" 4. Ndagaanye obutakola Ndagaano oba Ntabagana ey'engeri yonna n'Abazungu ab'eggwanga eddala lyonna ng'omubaka wa Kwini takkirizza era nga tagikakasizza.

" 5. Ntegeerera ddala nti ku lwange, Kabaka, okulamula Abazungu n'abantu bonna abataazaalirwa mu matwale gange, n'okusala emisango abantu ng'abo gye baliko oluuyi oba enjuyi, kuli mu mikono gya mubaka wa Kwini mwokka.

" 6. Mu misango gy'abantu bange bokka na bokka egy'engassi, embuga y'Omubaka wa Kwini ye eneebeeranga embuga ejulirwamu ey'akamalirizo, naye kinaabeereranga ddala eri Mubaka ayogeddwako okugaana okuwulira okujulira okwo.

" 7. Emisango egy'ekibonerezo egy'abazaaliranwa bokka na bokka, Omubaka wa Kwini bw'anaabanga ayagadde, kirekeddwa gy'ali okugyeyingizaamu olw'okubeera obulungi bw'abangi n'olw'okubeera obwenkanya, awatali kumukuba ku mukono, era mu ngeri gy'anaalabanga yeetaagibwa.

" 8. Ate nze, Mwanga, Kabaka, ndagaanye okussa emmeeme ku nsala z'embuga y'Omubaka wa Kwini ezigoberera obutundu 6 ne 7 zituukirizibwe.

" 9. Nze, Mwanga, ntegeerera ddala nti obukuumi bwa Bungereza bwetaagisa nze, ne Gavumenti yange, n'abantu bange mu Bwakabaka bwa Uganda bwonna n'amatwale gaabwo, okukkiririza ddala nti nze, n'abasika bange, ne Gavumenti yange n'abantu ebyogeddwako, tukwatwa amateeka n'okuvunaanyizibwa eby'amawanga byonna na buli kimu ku bwakyo Bungereza by'anaabanga yeetabiseemu, mu kikomo ne mu ngeri ebinaatugerekerwanga Gavumenti ya Kwini.

" 10. Tiwaliba kutabaala oba kukola bya kitabaazitabaazi ng'Omubaka wa Kwini takkirizza, era okukkirizaganya kwe kunaafunibwanga mu songa zonna enkulu ez'eby'obufuzi, ng'okulonda abaami n'abafuzi, okugaba ensi mu by'obufuzi oba mu by'eddiini, n'ebirala.

" 11. Okugereka emisolo n'okugisolooza, n'okusaasaanya ensimbi z'ensi eno, endagaano eno erekedde Gavumenti ya Kwini okubirabirira n'okubyekenneenyanga mu ngeri gye banaabanga balagidde mu biseera ebitali bimu.





*Ssaabasajja Kabaka Mwanga II*

" 12. Ebya Gavumenti ya Kwini byonna tibiivunaanibwengako musolo gwonna.

" 13. Aba Gavumenti ya Kwini banaateekanga empooza z'ebifulumizibwa n'ebiyingizibwa ku bintu byonna ebifuluma n'ebiyingira mu Uganda ne mu matwale gaayo olw'okuzeeyambisa kwokka n'okuganyulwa bo bennyini. Empooza zino zinaagerekebwanga ng'ebiri mu Mateeka Ttabamiruka ery'e Berlin 1885 n'ery'e Brussels 1890 bwe biri, era nga zigoberera Endagaano z'Amawanga eziva omwo, Bungereza ze yeetabikamu oba z'aneetabikangamu.

" 14. Enkolagana n'Amawanga amagwira eya Uganda n'amatwale gaayo, endagaano eno egiteeredde ddala mu mikono gya Mubaka wa Kwini.

" 15. Obusuubuzi bw'abaddu oba ebiwendo by'abaddu, oba okuggya muno oba okuleetamu abantu ab'okutunda oba okubawaanyisa ng'abaddu, biwereddwa. Era nze, Mwanga, ndagaanye ku lwange ne ku lw'abasika bange, okutuukiriza obulungi amateeka n'ebiragiro ebigenderererwamu okumalirawo ddala obutakyaddiza, embeera ey'obuddu mu Uganda n'amatwale gaayo, ng'aba Gavumenti ya Kwini Omukulu bwe banaalagiranga.

" 16. Olw'okubeera ebyo waggulu Mwanga, Kabaka wa Uganda by'alagaanye, nze Gerald Herbert Portal, K.C.M.G., C.B., Omubaka era Balozi-Omukulu owa Africa ey'Ebuvanjuba owa Kwini owa Bungereza, ndagaanye ku lwa Gavumenti ya Kwini oyo, okulonda ndekewo Omubaka Omungereza ng'alina ababeezi abamumala okutuukiriza ebiri mu Ndagaano eno, eteekerwa ddala okusiimibwa n'okukakasibwa Gavumenti ya Kwini era eteekwa okukwatibwa mu kiseera ekyo kyokka, okutuusa okusala kwa Gavumenti ya Kwini oyo lwe kuliweerezebwa ne kutuuka mu Uganda. Gavumenti ya Kwini oyo bw'erisiima okukkiriza ebyo waggulu ebiragaaniddwa n'ebibifuulafuula, Mwanga, Kabaka, wano alagaanye, ku lulwe ne ku lw'abasika be, okukola endagaano erimu amakulu ago waggulu oba agagafaanana, ebeere ye nkomeredde oba ya kumala kiseera ekiritegeezebwa, Gavumenti ya Kwini ky'eryetaaga.

" 17. Endagaano eno edibizza Endagaano n'ebiwandiiko by'entegeeragana ebirala byonna ebyakolebwa Mwanga oba abaamukulembera.



" 18. Endagaano eno eritandika ku lunaku lw'eriteekebwako emikono.

" Olw'okukkiriza ebyo, buli omu ataddeko omukono gwe ku Ndagaano eno, ne tuteekako n'obubonero bwaffe.

" Ekoleddwa mu miko ebiri e Kampala ku lunaku lwa leero olwa 29 May mu Mwaka gw'Omukama 1893.

" (Mukono gwa) Kabaka (King)
G. H. Portal.

" Abakakasa emikono ogwa Kabaka Mwanga
n'ogwa
Sir Gerald Portal :

" (Mikono gya) Ernest J. L. Berkeley.
Katikiro Apollo.

" Kampala, May 29, 1893."

Eno yali ndagaano ya kiseera, ne kisigalira Sir Gerald Portal okukkusa Gavumenti Engereza nti eteekwa ekakasibwe. May 24 lwagenda okutuuka, ng'awandiikidde Ofiisi y'Amawanga ebbaluwa mwe yannyonnyolera embeera ensi gy'erimu n'ebyafaayo byayo ebyakayita, amayisa g'Abaganda amalungi n'amabi, n'embeera ya Mwanga eyali yeefiirizza ennyo obuyinza n'ekitiibwa kya Bakabaka abaamukulembera, olw'okubeera ebikolwa bye, era eyali takyasobola kunyweza nsi ye watali buyambi. Yannyonnyola eby'obufuzi nga bwe byali byetabudde n'eby'eddiini era ng'okuluubirira okwaza " abasenze mu ddiini " bwe kwali obumu n'okuluubirira okwaza amaanyi mu by'obufuzi.

Portal yasitula e Kampala okuddayo ku lubalama (e Mombasa) nga May 30, enkeera y'olunaku endagaano y'ekiseera lwe yassibwako emikono alyoke asobole okunnyonnyola ku kwanjula kwe okuwandiike, ne ku mbeera y'e Buganda nga Gavumenti Engereza bw'eriba yeetaaze. Muganda we Captain Raymond Portal, omusujja gwali gumuttidde e Kampala nga May 27, ate naye Portal nga lumugadya ; ebyo nno nabyo byamusindika okwetegula Buganda nga yaakamalamu emyezi ebiri na kitundu gyokka.

Bishop Tucker owa C.M.S. yagamba mu bbaluwa gye yawandiikira Portal lw'asitula e Kampala nti Gavumenti Engereza bw'eneegaana okufulumya ensimbi n'okwetikka omugugu okufuga ensi eno, tiyalina kubuusabuusa nti

kirizaala entabwe olwokuba ng'ebibiina *Ekingereza n'Ekifransa* n'Ekisiraamu bya kuloka buto bibakane, obulamu bw'abaminsani bubeere mu kabenje n'omulimu gwa Church Missionary Society gutokomoke.

Mgr. Hirth naye bye yali alowooza ku nsonga eno yabyatula mu bbaluwa gye yawandiikira Portal nga 27 April. Yayatula mu bbaluwa nti ekiriva mu kukukumbira ddala muno amagye n'abafuzi Abangereza, biriba " bya nnattabula ku bulungi bwennyini obw'ensi zino." Mu ndowooza ye, Abazungu okukungula,[1] kye kyanditegeezezza nti entalo enkakali ezikira ezaggwa, zibaluse buto. Yayongerako na bino nti :

> " Obugwenyufu bw'Abaddugavu buva mu bufuzi nnamudibaga obubayimiriddemu okutuusa kati, naye si bwa mu buwangwa bwabwe. Awo nno okubannyululayo kyetaagibwa embojjanyi zaabwe zikomezebwe, awatali kubuusabuusa ekkula lino lisobola kuleetebwa Gwanga Zzungu lyokka erirowooza amenkanyi ku bya buli omu."

Portal okusemba kwe yakuteeka mu bbaluwa gye yawandiikira Omuwandiisi w'Obwakabaka (Secretary of State) ng'asinziira e Zanzibar nga 1 November, 1893. Mu bbaluwa eyo yakoona ku kulemwa okw'olwatu, Kampani kwe yalemwamu okufuga ensi eno, era ne ku bisuubizo n'endagaano enkumu ebyaliwo nga Kampani bigiremye okutuukiriza ; Kabaka n'abantu okutwalira awamu bakitawe nga balowooza nti ebisuubizo bino n'endagaano, bikulu nga bwe byandibadde bivudde eri Gavumenti Engereza. Buli omu yalowoozanga nti ebendera ya Kampani ye emu n'ebendera ya Bungereza, okutuusa ye, Portal, bwe yannyonnyola enjawulo. Olw'ensonga zino okulekulira Buganda kwandireetedde Abangereza okufiirwa ennyo ekitiibwa mu maaso g'Abaganda.

Yattottola nti Abangereza bwe banaakungula, Mwanga, eyali Omuprotestanti olwo, n'Abaprotestanti bajja kugenda Busoga, nti era kino kya kuzaala lutalo lulala.

Ekirala ekikakafu Abangereza olwandirekulidde, ng'eggwanga eddala Eddaaya liyingira Buganda. Yalowooza nti era n'obuddu bwandizzeemu.

Portal bwe yamala okwekkaanya eby'okuwatanya byonna ebisoboka, n'asemba eky'okussaawo Commissioner alina ababeezi abamumala, olw'eddembe n'obufuzi obu-

(1) Kye kimu *n'okugenda.*



kulira bwonna, n'olw'okutebenkera kw'Abazungu abalala abali mu nsi omwo, afuge ekitundu eky'omu buyinza bw'Abangereza. Yagamba nti sinakindi kyali kyetaagibwa ekitundu ekyo kirangirirwe kibeere *Protectorate.*

Gavumenti Engereza yakkiriza obuvunaanyizibwa obwo, ne ku lwe 12 April, 1894, Gavumenti ya Ssaabasajja yayatula mu Bulange zaayo zombi nga bw'eyagala okubeera enzibizi ya Buganda, ku lwe 19 June, 1894, obuzibizi ku Buganda ne bulangibwa mu London Gazette. Colonel Colville, eyali atuuse mu November, 1893, okusikira Macdonald mu busigire bwa Commissioner, yalangirira obuzibizi bwa Bungereza mu Lukiiko olujjuvu olwalimu Kabaka n'abaami e Mmengo nga 27 Augusto, 1894. Waaliwo obubonero obwayoleka nti ebibiina byonna byasanyukira okulangirira okwo, entuumuusi ne zikubibwa okuzibya n'okubukeesa olw'okugulumiza ekigambo ekyo. Omukolo ogwo bwe gwaggwa Kabaka Mwanga n'agenda e Kampala okussa omukono ku ndagaano eyo wansi gye yakola eyateekebwako Portal omukono mu mwaka ogwakulembera.

Endagaano wakati wa Henry Edward Colville, a Companion of the Most Honourable Order of the Bath[1] Colonel mu Ggye lya Kwini Omukulu, Commissioner Omusigire mu Uganda owa Kwini w'e Bungereza ; ku lwa Kwini wa Bungereza ne Ireland oyo era afuga n'ensi z'e Buyindi, etc., ne ku lw'abasika be abalimuddira mu bigere, ne Mwanga, Kabaka wa Uganda, ku lulwe ne ku lw'abasika be n'abalimuddirira :

1. Olwokubanga Gavumenti ya Kwini ekakasizza endagaano ya Mwanga, Kabaka wa Uganda, ne Sir Gerald Herbert Portal, K.C.M.G., C.B., Commissioner era Balozi-Omukulu mu Africa ey'Ebuvanjuba owa Kwini w'e Bungereza eyakolerwa e Kampala ku lunaku lwa 29 May, 1893.

2. N'olwokubanga Kwini w'e Bungereza yagirira ayogeddwako ekisa, Mwanga, Kabaka wa Uganda, n'amuwa obukuumi bwe yasaba mu Ndagaano eyo ;

3. Nze, Mwanga ayogeddwako, wano nneeyamye era nneesibye, n'abasika bange n'abalinziririra, mu bino :

4. Ndagaanye obutakola Ntabagana oba Ndagaano

1 Ekitiibwa kino kirekeddwa mu Lungereza kitegeerekeke bulungi.

ey'engeri yonna n'Abazungu ab'eggwanga lyonna ng'Omubaka wa Kwini takkirizza era tagikakasizza.

5. Ntegeera awatali kuwalirizibwa nti ku lwange, Kabaka, okulamula Abazungu n'abantu bonna abataazaalibwa mu matwale gange, n'okusala emisango abantu ng'abo gye baliko oluuyi oba enjuyi, kuli mu mikono gya Mubaka wa Kwini mwokka.

6. Mu misango gy'abantu bange bokka na bokka egy'engassi, embuga y'Omubaka wa Kwini ye eneebeeranga embuga ejulirwamu ey'akamalirizo, naye kinaabeereranga ddala eri Mubaka ayogeddwako, okugaana okuwulira okujulira okwo.

7. Mu misango gy'ekibonerezo egy'abazaaliranwa Omubaka wa Kwini bw'anaabanga ayagadde, kirekeddwa gy'ali okugyeyingizaamu olw'okubeera obulungi bw'abangi n'olw'okubeera obwenkanya, awatali kumukuba ku mukono, era mu ngeri gy'anaalabanga yeetaagibwa.

8. Ate nze, Mwanga, Kabaka, ndagaanye okussa emmeeme ku nsala z'embuga y'Omubaka wa Kwini ezigoberera obutundu 6 ne 7 zituukirizibwe.

9. Nze, Mwanga, ntegeerera ddala nti obukuumi bwa Bungereza bwetaagisa nze, ne Gavumenti yange, n'abantu bange mu Bwakabaka bwa Uganda bwonna n'amatwale gaako, okukkiririza ddala nti nze n'abasika bange, ne Gavumenti yange n'abantu bange aboogeddwako, tukwatwa amateeka n'okuvunaanyizibwa eby'amawanga byonna, na buli kimu ku bwakyo Bungereza by'anaabanga yeetabisemu, mu kikomo ne mu ngeri ebinaatugerekerwanga Gavumenti ya Kwini.

10. Tiwaliba kutabaala oba kukola bya kitabaazitabaazi ng'Omubaka wa Kwini takkirizza, era okukkirizaganya kwe kunaafunibwanga mu nsonga zonna enkulu ez'eby'obufuzi, ng'okulonda abaami n'abafuzi, okugaba ensi mu by'obufuzi oba mu by'eddiini, n'ebirala.

11. Okugereka emisolo n'okugisolooza, n'okusaasaanya ensimbi z'ensi eno, endagaano eno erekedde Gavumenti ya Kwini okubirabirira n'okubyekenneenyanga mu ngeri gye banaabanga balagidde mu biseera ebitali bimu.

12. Ebya Gavumenti ya Kwini n'eby'abafuzi baabwe n'eby'abaweereza ba Gavumenti ya Kwini bonna tibiivunaanibwengako musolo gwonna.

13. Aba Gavumenti ya Kwini banaateekanga empooza z'ebifulumizibwa n'ebiyingizibwa ku bintu byonna ebifuluma n'ebiyingira mu Uganda ne mu matwale gaayo olw'okuzeeyambisa kwokka n'okuganyulwa, bo bennyini. Empooza zino zinaagerekebwanga ng'ebiri mu Mateeka Ttabamiruka ery'e Berlin 1885 n'ery'e Brussels 1890 bwe biri, era nga zigoberera Endagaano z'Amawanga eziva omwo, Bungereza ze yeetabikamu oba z'aneetabikangamu.

14. Enkolagana n'Amawanga amagwira eya Uganda n'amatwale gaayo, endagaano eno egiteeredde ddala mu mikono gya Mubaka wa Kwini.

15. Obusuubuzi bw'abaddu, oba okuggya muno oba okuleetamu abantu ab'okutunda, oba okuwaanyisa ng'abaddu, biwereddwa. Era nze, Mwanga, ndagaanye ku lwange ne ku lw'abasika bange, okutuukiriza obulungi Amateeka n'Ebiragiro ebigendererwamu okumalirawo ddala obutakyaddiza, embeera ey'obuddu mu Uganda n'amatwale gaayo, ng'aba Gavumenti ya Kwini bwe banaalagiranga.

16. Endagaano eno edibizza Endagaano n'ebiwandiiko by'entegeeragana ebirala byonna ebyakolebwa Mwanga oba abaamukulembera.

17. Endagaano eno eritandika ku lunaku lw'eriteekebwako emikono.

Olw'okukkiriza ebyo, buli omu ataddeko omukono gwe ku Ndagaano eno ne tuteekako n'obubonero bwaffe.

Ekoleddwa mu miko ebiri e Kampala, ku lunaku lwa leero olwa 27 Augusto, 1894.

(Mikono gya) H. E. Colville, Colonel.
Kabaka, King.

Kuno kwe kukakasa nti egyo waggulu gye mikono gya Colonel H. E. Colville, C.N. ne Mwanga, Kabaka wa Uganda.

(Mikono gya) W. T. Ansorge.
Apollo, Katikiro.
Mugwanya, Katikiro.

Bye biibyo ddala :
(Mukono gwa) H. E. Colville, Colonel.

Endagaano eno yakakasibwa mu butongole Omuwandiisi w'Obwakabaka ow'eby'Amawanga nga 4 January, 1895, waayita ennaku bbiri ng'etekeddwako emikono, Mwanga n'awandiikira Kwini Victoria ebbaluwa erimu bino :

Ya Mukwano gwange oweekitiibwa, omuluŋŋamu ennyo.

Nkulamusa nnyo awamu n'abaami bange mu nsi yange. Nkwebaza nnyo. Weebale okunnyamba n'ensi yange. Weebale kutuwonya ntalo zonna eza ffekka na ffekka.

Ku lwange, nzikirizza endagaano wakati wo nange. Nzikiriza mbeere wa mukwano naawe ennaku zonna, n'ebendera yo ngikkiriza. Era ebintu byonna bye nnina ku bwebange bibyo, n'ebibyo byange.

Nzikirizza mbeere mu kukkirizaganyiza ddala naawe. Buli ky'onondagiranga okukola nnaakikolanga.

Nsanyuka nnyo olwokuba nga waleeta eno baserikale bo okukuuma ensi yange, n'okunnyamba mu balabe bange bonna.

Kaakano Katonda akuwe omukisa guno, era akuzibirenga bulijjo. Nze mukwano gwo owa nnamaddala, akwagala.

(Mukono gwa) Kabaka Mwanga.

*Ebyongeddwako.*—Era nkwebaza ensimbi zonna z'omalidde ku kukuuma ensi yange Buganda. (Ŋŋamba) ensimbi z'ofulumya okusasula baserikale bo Abangereza n'Abanubbi.

(Mikono) Apollo, Katikiro.
Mugwanya, Katikiro.

## 11

## 1894–1899

Mu byagwawo mu myaka etaano egyaddirira, si kyangu mu mboozi ennyimpi, okulondamu ebyali ebikulu mu kuluŋŋama ebyatuuka ku ndagaano esinga obujjuvu n'okumanyibwa eya 1900, n'eby'okuwandula nti newakubadde binyuma sibyakwata bulungi ku ntabagana ya Baganda na Bangereza.

Mu byafaayo by'emyaka egyo, kituufu okutera okusukkulumyamu ebyagwawo nga bino: okukola enguudo ey'eŋŋanzikizo z'eggaali (Uganda Railway), okujeema kw'Abanubbi, n'entalo ezaalwanaganwa ne Kabarega ow'e Bunyoro. Newakubadde ebyagwawo ebyo ku bwabyo binyuma, situubyogereko wano, wazira kisaana kijjukirwenga nti mu kujeema kw'Abanubbi ne mu ntalo za Kabarega, Abaganda abeesigwa baakalambala masajja



nnyo nnyini. Nga bwe kimanyiddwa obulungi, Katikkiro Apollo Kaggwa yakola nnyo mu kukulembera abatabaazi Abaganda abatali baserikale, ebyo bwe byagwangawo.

Okutuuka mu massekkati ga 1894, eddembe lyali lizziddwawo mu nsi eno. Abasiraamu abaali bajeemye baali bawanguddwa eggye, okusinga ery'Abaganda Abakristu mu 1893, ne Mbogo, newakubadde gye baajeemera tiyaliiyo, yali aweerezeddwa ku lubalama lw'e Mombasa (kyokka yakomezebwawo oluvannyuma). Nga ku nkomerero ya 1893 ne mu kitundu ekisooka ekya 1894, amagye ga Kabarega gaali gawanguliddwa ddala mu ntalo nnyingiko ne Kabarega yennyini ng'adduse awonedde na watono okukwatibwa.

Awo ne waddawo ekiseera eky'eddembe ekyatwala emyaka ebiri, egyalabikiramu ennyo eby'okweyongera mu maaso mu Buganda. Kyokka mu Bunyoro yo akaboyaano sikaata, ate n'embeera y'obufuzi etemanyinkanye ey'ekitundu ekyo n'ebitundu ebirala ebyesuddeko, yaleeta obuzibu mu by'obulamuzi. Olw'ensonga eno, mpozzi n'olw'okwesooka okufeffetta kw'Abafransa nga balaga ku nkingizzi za Kiyira, ekitundu ekizibirwa Bungereza ne kyongerwa, mu butongole, okutwaliramu Bunyoro n'ebitundu ebirala ebitwalibwa Bungereza nga 30 June, 1896. Okukulaakulana kw'obufuzi bw'Abangereza mu bitundu bino ebirala kwawalirizibwako nnyo okugira nga kulekebwa okutuusa oluguudo lw'eŋŋanzikizo (Uganda Railway) olwali lutandikiddwa e Mombasa mu January, 1896, lwe lulituuka ku nnyanja Nnalubaale.

Eddembe lya Buganda lyaddamu okudabagwa mu June, 1897, nga Major Ternan eyali Commissioner Omusigire, ali Nandi, Bwana Wilson (Tayaali) nga ye alamula eby'e Kampala. Omwami eyayitibwanga Omujaasi Gabrieli yavumbulwa ng'akwatwako ensonga z'omusango gw'obutemu oba obussi bw'omuntu, embuga z'Abaganda ne zimuggalira n'alyoka nno ayisa olukwe mu Mukwenda ne Kaima beetabe naye "*Okuwanika obuliga.*" Wilson bwe yamanya olukwe olwo, n'alagira Mukwenda ne Kaima bakwatibwe bavunaanibwe ogw'okufukuutirira abakopi okujeema; omusango ogwo gwabasinga ne basalirwa okusibwa, asoose emyaka 5, addiridde emyaka 7 nga bakozesebwa n'amanyi. Mujaasi yabomba; yali mwami mutamiivu nnyo, nga Mukatoliki kutuusa, anti ng'Aba-

saserdoti bamwenyinyala nnyo. Ne Mukwenda yali amaze okuboolebwa Abaprotestanti olw'omuwendo gw'abakazi be. Siwali kubuusabuusa, ebyo bye byabakyayisa enteekateeka y'obufuzi ey'Abazungu, ne biyamba n'okunnyonnyola ekyabagezesaako okujeema.

Ku ssaawa 9 ez'ekiro July, 6, Mwanga yalekulira olubiri lwe ng'ayita mu kituli kye yalutemamu, anti olw'obutakyesiga baggazi be. Yakwata lya nnyanja —kirowoozebwa nti ng'alaga Buddu n'agenda n'obwato busatu bwokka, ate nga taliiko mwami n'omu. Ensonga eyamuddusa tennyonnyolwanga bulungi, newakubadde ebiteeberezebwa bingi ebyaleetebwa mu kakyo ako. Kabekasinge, ebya Mujaasi okugezaako okujeemesa abantu nga yabirimu; oba yatya kubonerezebwa lwa bikolwa bibi n'empisa ez'obugwenyufu eby'edda nga Commissioner Omusigire akomyewo, oba kwali kwejuuba kamalirizo agezeeko okweddiza obuyinza bwe obwa musirannumbu.

Mwanga yatuuka e Buddu n'alangirira bwe yeetaaga okulwana, naye ky'ataasuubira, ebweru wa Baddu tiyafunayo buyambi; Bwana Ternan bwe yalitwala okukwatagana naye, yalina Abaganda ab'emmundu nga 7,000 abaagendera ku baserikale ababe ku bubwe 220, ate ng'alinawo n'ekitundu ky'eggye eky'ensibo n'ekirala ekiwondezi. Ternan agamba nti eggye lye yakwatagana nalyo lyali liweramu enkumi z'ab'emmundu, n'Abannabuddu bonna kyenkana nga balwenyigiddemu bakutte amafumu, era nga badduukiriddwa ne bussendwe obwava awalala mu Buganda. Ternan abajeemu yabasisinkana nga 19 July, nga beenywerezza ku lukalala lw'ensozi awayitibwa Kabuwoko, mailo nga 8 okuva e Kyango. Olwokuba nga baasanga nabo basajja mbalangu, okubatuggiza empiima kwe kwabasobola. Abajeemu baawangulwa nga wayise nga ssaawa emu, ng'erudda n'erudda abagudde bangi.

Mwanga eyali e Ssango bwe yawulira eby'olutalo luno, n'amanya nga bwe wateekebwateekebwa amaato 100 gamuziyize okuddukira ku nnyanja, kwe kuddukira e Minziiro mu matwale g'Abadaaki, ne yeewaayo mu mikono gya Herr von Wolfen eyamutwala e Bukoba nga musibe.

Basajja ba Mwanga abaasigalawo, kwe kwekuŋŋaanya ne beegatta ku *Bayaaye* e Malongo ku nsalo ya Ankole, nga bagenderera okwejuubamu akamalirizo. Ternan



yakwatagana nabo nga 28 July, 1897, n'ababunya emiwabo n'ebyalo by'Abayaaye n'abyokya. "Abayaaye" bano baali badduse ba misango, nga bagobe e Buganda, nga bafuuse banyazi abaazindanga ebyalo mu Buddu ne mu Ankole.

Nga 14 Augusto, Chwa, mutabani wa Mwanga, eyazaalibwa mu mwaka ogw'emabega, yayatulirwa e Mmengo nti ye Kabaka azze mu kifo kya Mwanga. Siwaali kibiina kyawakana, ekigambo ekyo ne kiggwa bulungi. Abaami bonna abakulu, abaawera nga 67 bassa omukono ku lupapula olwalonderwako Chwa okubeera Kabaka. Apollo Kaggwa, Katikkiro, Mugwanya Katikkiro ne Zakaria Kangawo ne balondebwa okuba Baregenti bamukolererenga okutuusa lw'alyeyatulira. Ebya Mwanga byaboyebwa bikole ku Kabaka Chwa.

Abaami ab'ebibiina Ebikristu byombi bakkirizaganya lwatu nti gye bujja awanaagwanga obwami obwereere mu Buganda, bunaaweebwanga muntu w'ebweru wa kitundu ekyo, mu ngeri eneesobozesanga okumalawo amangu nga bwe kisoboka okusuulagana okuli wakati w'eddiini zombi.

Mu September, 1897, Abanubbi ne bajeema lwatu, ate mu January, 1898, Mwanga n'abomba mu Badaaki ne yeeyatula nti Musiraamu, n'afuuka ekikangabwa ku ludda lw'obukiika bwa ddyo bwa bugwanjuba bwa Buganda. Newakubadde Kabarega yali agobeddwa mu Kibuga kye, yayongera okubeera omuwanisi w'emitima, era ebinyumizibwa ku gwa 1898 ne 1899, ebisinga, binyumya ku ntalo na bikwekweto Baregenti n'Abaganda abasinga obungi mwe beefuulira bereeje olw'omwoyo ogw'obuyambi gwe baayoleka, era n'amagye g'Abayindi mwe gaakolera ogwago.

Okugenda okumala olw'Abanubbi, n'okukwata Mwanga ne Kabarega n'okubawaŋŋangusa mu 1899, ng'enfuga y'omu Buganda edobonkanidde ddala. Amagye gaali gakyali mangi muno, ekyo nno ne kireetawo obuzibu bungi wakati w'abafuzi b'ensi n'ab'amagye. Gavumenti Engereza, eyali efulumizza enfaafa y'ensimbi ku ntalo zino, yalaba ng'ekiseera kituuse okuddira ekyali ng'okusajjalaatira mu nsi empangule, kisikizibwe enfuga entereevu, eruubirira okwemalirira mu by'ensimbi. Bino we byabeererawo, Sir Harry Johnston we yalonderwa nga

Commissioner ow'enjawulo mu July 1899, n'atuuka e Kampala mu December ogwaddirira.

## 12

## SIR HARRY JOHNSTON

SIWALI binyumizibwa ku Ndagaano ya 1900 byandituukanye, nga siwali binyumiziddwa ku mbeera ya Sir Harry Johnston ; waakiri ebitono ennyo. Mu mazima yayaayaaniranga bingi ate ng'asobola bingi. Mu buvubuka bwe yayimba okwagala ennyo okutambula mu nsi, ate n'okwagala eby'obukalabakalaba ; kale nno yagenda okulekayo eby'obukalabakalaba okumubeerera omulimu mw'aggya ky'alya, ng'afuuse musiizi wa bifaananyi wa ttendo. Yafuuka omunoonyi w'ensi, kagezimunyu mu by'obwekkaanya (*Doctor of Science*), mufuzi, mujaasi (*knight*) mu bibiina (*orders*) bibiri, ng'alina ebitiibwa by'emidaali egya zaabu gya bibiina (*Societies*) bitaano, nga muwandiisi ku by'obwekkaanya n'ebinyuma (*novels*), ate nga mumanyirivu mu by'obufuzi. Ebitabo bye yawandiika bimanyiddwa nnyo abayiga ebifa ku Africa, era binnyonnyolwa ebifaananyi ebirungi bye yeesiigira mwene.

Newakubadde eddoboozi lye lyali ggwoomu era nga ssenzisenzi mu kunyumya, lyali kkaalaamu nnyo nga sirigenda bulungi nnyo kumufuula mwogezi wa mu lujjudde mutuufu ddala, era ensonga eno oluvannyuma yamufuukira embeteza mu by'obufuzi. Olw'okwagala ennyo okukwata ebiwuka, e Congo baamutuumirayo erya *Nnabbubi*, ate mu Buganda ne bamutuuma erya *Mpologoma* olw'erangi eterabwalabwa eya kiragala eyali mu maaso ge.

Ebimutabaganya n'Afrika eya Wakati eby'emabega ennyo, bisookera ku kuyiga kwe okw'ennimi za *Bantu*, okuyiga kwe yeefunyirirako ekitundu ekisinga obunene eky'obulamu bwe, era okwamuleeta ne mu Africa ku mulundi ogwasooka mu 1882. Mu mwaka ogwo yawerekera Lord Mayo mu muyiggo mu Angola, naye yabaawukanako mangu n'akwata lirye, ng'agenda asiiga ebifaananyi, bw'ava mu mugiini gw'obusuubuzi ogumu ogw'Abazungu bw'adda mu mulala mu Congo, ng'agenderera okusangiriza Stanley, gwe yaggukako e Underhill.



Bwe yali nga wa myaka 25 n'asaabala mu 1884 okulaga mu Africa ey'Ebuvanjuba wamu n'abalala, okwetegereza ebitonde e Kilimanjaro. Mu 1887 yali akolagana na Balozi mu Africa ey'Ebugwanjuba ng'akuba maapu y'ensi eyali ekaayanirwa Abadaaki n'Abangereza. Eyo gye yavunaanyizisa n'awaŋŋangusisa omwami omukambwe eyayitibwanga Jaja, ne kimuviiramu okusunguwalirwa ennyo abasuubuzi abamu abaayo.

Mu 1889 yalondebwa okubeera Balozi Omukulu mu Portuguese South East Africa n'ensi eri emabega w'eyo, ne mu myaka egyaddirira n'akola nnyo okuziyiza obusuubuzi bw'abaddu mu kitundu ekyo, n'okussaawo entandikwa y'obufuzi obutereevu mu Nyasaland. Yaweebwa ekitiibwa ky'obujaasi (*knighthood*) nga tannatuuka Bungereza mu 1896 era yawasa mu October ogw'omwaka ogwo.

Yali Balozi Omukulu owa Tunis okuva mu 1897 okutuuka mu biseera bya May–July eby'omwaka 1899 we yalonderwa okubeera Commissioner ow'enjawulo era Omujaasi Omukulu (*Commander-in-Chief*) owa Uganda Protectorate.

Johnston yasaabala okuva e Tunis okulaga mu Africa ey'Ebuvanjuba mu September, 1899, n'agenda ne muganda we Alex Johnston, n'omwetegereza w'ebitonde eyayitibwanga Doggett, ne Vale okulabirira ab'emigugu. Abaweereza n'abeetissi baawandiikirwa Zanzibar nga bakulirwa munnyampala wa Johnston ow'edda omwesigwa gwe yagenda naye e Kilimanjaro ne mu Nyasaland, Sagini Meja Ali Kiongwe.

Ennamba yayingira n'ekitiibwa mu Kampala nga Noeli ya nkya (Amazaalibwa) mu 1899, ne baanirizibwa mu ngeri ennungi ewuniikiriza. Ebbaluwa eyanjula obubaka bwe bwe yamala okusomebwa n'ayogerawo ebibye mu Lungereza ne mu Lufransa ne mu Luswairi okugivvuunula. Olufransa yalwogerera White Fathers. Akawungeezi ako enguudo zaayakaayakanyizibwa Abaganda enkumi n'enkumi abakutte emimuli, ggwe wamma ne birabika bulungi nnyo nnyini.

Essanyu ly'Amazaalibwa olwaggwa, Johnston n'atandika obukiiko obw'okumu okuteesanga ne Baregenti bamalirize ebigambo bino : eky'obwannannyini ttaka, n'eky'omusolo n'eky'obufuzi ebitaamalwayo Ndagaano ya



*Kabaka Daudi Chwa II*

1894, era ebyali ebikulu omusibuka okukuubagana. Mu kuteesa kuno, Johnston okusangwa nga mumanyirivu mu Afrika, okumanya kwe okw'ebingi, ate n'ekikula ky'omuntu ye yennyini byali bya mugaso nnyo. Mu kuteesa okwo yayambibwa nnyo F. J. Jackson eyali akuumawo e Kampala ate ng'akoledde mu Africa ey'Ebuvanjuba okuva mu matandika ga Kampani (B.E.A.C.). Johnston ye ekifo kye ekikulu kyali Port Alice, oba Ntebe nga kaakati bwe wayitibwa.

## 13

## ENDAGAANO YA 1900

Olw'e 5 January, 1900, lwagenda okutuuka ng'enteesa yatuuka dda abaami we bakkusiddwa nti *Omusolo gwa buli kayu* gwetaagibwa naye nga babinamu obutannategeera Musolo gwa Mmundu na kigambo kya ttaka. Johnston yaweereza okunnyonnyola okujjuvu ku bino eri Jackson n'amusalira ag'okusaba omuminsani wa C.M.S. Roscoe okumuvvuunulira, ng'alowooza nti era kinaabeera kya mugaso minsani okumanya ebigambwa n'okusobola okwesalirawo bokka oba bya bwenkanya oba nedda. Yassaako na kino nti siwali nsonga n'emu ekisibwakisibwa ku bigambo ebyo; si lwa kubeera kwokka nti bya bwenkanya ddala, naye sibyali bibye ku bubwe wazira ebya Offisi y'eby'Amawanga eyategekera mu bigambo ebitongole ebyamulagirwa ebikulu eby'okugobererwa, ng'ekisigadde kwe kwongerako kalonda ayeetaagibwa, ebiragiro biryoke bituukane n'embeera ey'eno.

Johnston yasaba Jackson akinnyonnyolere ddala bulungi nti ensimbi ez'okuva mu kutunda Ettaka lya Gavumenti (Crown Lands) oba mu busuulu bwamu, mu mazima si za kukwasibwanga Kwini, naye za kulagirwanga olw'ekiragiro kye ennaku zonna, zisasule ensimbi ezifulumizibwa Gavumenti ya Uganda. Mu ngeri eyo gye bujja ettaka lijja kwongera okubeera nga bwe lyali edda erya "Gavumenti ya Uganda."

Johnston yagamba nti ajja kusanyukira ddala okuwuliriza obw'okukyusakyusaamu obutonotono abaami bwe banaaba baleese ; nti ate ekigambo bwe baliba bamaze

okukitegeera obulungi, baliyitibwa e Ntebe okuteesa naye, n'okussa omukono ku ndagaano.

Jackson yanyumya nnyo n'abaami nga 13 January, nga Ssaabadikoni Walker ye muvvuunuzi. Bishop Tucker, Father Mathews mu kifo kya Bishop Hanlon eyali omulwadde, ne Pere Bresson bonna baaliwo. Abaami waaliwo Apollo Kaggwa, Katikkiro era Regenti; Stanislaus Mugwanya, Katikkiro era Regenti; Mbogo, Mukwenda, ne Kaggo. Mu kuteesa kuno abaami baawandiikanga eby'okujjuukirirako era eby'okujjuukirirako ebyo baabigaziya ne bivaamu olukalala lw'ebibuuzo ebyaweerezebwa Jackson nga 14 January, Johnston gwe byaweerezebwa nga 24 January n'alyoka abiddamu ng'abittottola nnyo. Ebibuuzo ebisinga obungi byali bifa ku kalonda, era abaami bye baafaako ennyo, byali byekuusa ku ddaala lya Kabaka, eddaala n'okusasulirwa kw'abaami enkuyanja, aba wansinsi, n'Olukiiko okulukuumawo. Johnston bwe yamaliriza okukola ku kalonda oyo, n'awandiika nti :

"Nga mmaliriza njagala okukkusa Abaami ekikulu kye ŋŋende-
rera mu nteekateeka yange eneefuga eby'omusolo n'eby'ettaka.
Nneetaaga ensi ya Uganda awamu n'ebitundu ebirala ebiri mu Uganda Protectorate, bigende nga bifuna mpolampola okuva mu musolo gwa muno, ensimbi ezimala okusasulira eby'obufuzi; nga wayise emyaka, abantu b'omu Bwakabaka Obugatte obwa Bungereza Enkulu ne Ireland, baleme kuwalirizibwanga kutoola mu nsawo zaabwe kuwonya Uganda katabukotabuko ka bufuzi, okuyiwa omusaayi, n'okuwangulwa eggwanga eddala.

"Nneetaaga Kabaka n'Abaami abakulu ab'ensi eno, okugenda nga bagabana mpolampola ne Commissioner Omungereza omulimu gw'okufuga ensi eno, n'okusasulwa olw'emirimu gye bakola nga kigererwa ku mugaso gw'emirimu egyo.

"Nneetaaga ettaka erisinga obungi ery'omu Bwakabaka bwa Uganda, okulikuumira mu bwannannyini bw'Obwakabaka bwa Uganda n'okulemesa Kabaka yenna oba mwami oba baami abeekuŋŋaanyizza awamu ab'omululu, okutunda ettaka eringi mu Bazungu abalowooza amagoba. Nneetaaga mbeere mwenkanya ddala mu nsonga eno n'olwekyo mu nteekateeka eno, Kabaka, Abaami, n'obwami obutono, ŋŋamba okubawa ettaka ery'obugazi obusaanye lye basobola okuyisa nga bwe baagala—nga bwe basiima okusiriwala balitunde, bayinza okulitunda ne balya ne banywa ensimbi ze baba baggyeemu; naye ettaka eddala erisigalawo eritali ddime njagala ndikuumire abantu ba Uganda awamu, nga ndikwasa Akakiiko k'Abakuumi (Board of Trustees) akalimu bannansi n'Abazungu abenkanankana omuwendo ke kaba kalifuga. Ettaka eritali ddime ery'ebibira, eryo njagala kuliteeka mu bufuzi bwa Kwini liyisibwe mu ngeri esinga okugasa ensi eno; ensimbi ezivaamu



zeeyambisibwe okukuza ensi eno, naye si kuziweereza Bungereza.

"Nnandyagadde ebigambo byange bino byonna bikyusibwe mu lulimi olunnansi abaami n'olukiiko babirowoozeeko n'obwegendereza. Tuteekwa okusalawo amangu, naye saagala kubabukuta nnyo. Mpozzi bwe balimala okutegeera obulungi ebigambo bino bye mpandiika kati, balisobola okujja e Ntebbe ne boogera nange nga tulabagana.

"Ku by'Olukiiko, eky'okwagala okuluggyawo okumanya nga kindi wala, nnandayagadde okulunyweza ndufuule olw'omugaso okukira bwe luli kaakano. Mu kiseera kino ludda mu kujogoolikanira bwereere n'okwonoona ebiseera. Mpozzi abaami ekyandibasingidde, kwe kuluteekaketeeka ng'olukiiko lw'e Bungereza bwe lwateekebwakeekebwa—lutuulengako mu bbanga erimu ery'omwaka, oba okukuŋŋaana omulundi gumu mu mwezi okumala ennaku ssatu, oba ekintu eky'engeri eyo. Bye lunaayanjulanga ne bye lulowooza binaasobolanga okuwandiikibwa ne biweebwa Commissioner, ye, awatali kubuusabuusa, emirundi emingi taalemenga kusanyuka okufuna mu ngeri eno enjoleka ey'ekigezi ey'endowooza ya bannansi."

Okuteesa okwakulemberera ddala okussa emikono ku ndagaano eyo eddiridde wano, okwaliwo nga 10 March, 1900, bwe kwali bwe kutyo. Nga Katikkiro era Regenti Omukulu, Sir Apollo Kaggwa, bwe yasaba, abakulembeze bonna ab'ensi eno baaleetebwa mu bajulizi, balyoke baleme kugamba gye bujja nti sibaamanya byalimu na ngeri gy'esibamu Kabaka, Abaami n'abantu b'ensi eno.

## ENDAGAANO Y'E BUGANDA 1900

"Nze Sir Henry Hamilton Johnston, K.C.B., Balozi era Omubaka eyatumibwa okulongosa ensonga zona mu Bwakabaka bwe Buganda ne mu nsi zona eziriranye nga nyima mu linya lya Kwini Vikitolia Kabaka we Bungereza era owe nsi ze Buindi, era Nafe Barijenti na Bakungu be Buganda nga tuima mu linya lya Kabaka we Buganda ne mu linya lya Baganda bona bona: Tulanga okukwata ebigambo bino ebyokufuga nokukuma ensi ye Buganda. Era kyetuvude tuwandika amanya gafe okukakasa ebigambo bino.

1. Ensalo ye Buganda enebanga bweti: Okusoka ku Bugungu ensalo eneitanga ku Kiira ku lui lwagwo olwebugwanjuba okutusa ku nyanja eitibwa Kioga, era nokuita wakati wayo okutusa ku Kafo wafukira ku Kiira, nga wayolekera Ebululi. Nate ensalo eneitanga ku Kafo ku lui lwe buvanjuba okutusa ku Kafo ne Embaya wegi-

gatira. Nate ensalo enesalanga awatali kukyama okutusa ku muga oguitibwa Nkuse, era eneitanga ku muga ogwo ku mukono ogwa kono nga omuga bweguserengeta okutusa ku Mutanzige. Nate ensalo eneitanga ku lubalama lwe nyanja eyo ku bukika obwadyo okutusa ku muga oguitibwa Kuzizi wafukira ku nyanja eyo. Nate eneitanga ku lubalama lwomuga ogwo okutusa ku Kuzizi wegusibuka. Nate ensalo enesalanga ku kifo ekirirondebwa Balozi, bwaliranbula Ebuganda, kumpi ku kyalo ekiitibwa Kirola era kumpi ne Kuzizi wasibuka. Nate ensalo enesalanga okugenda ebugwanjuba ku bukika obwadyo okutusa ku muga oguitibwa Nabutale. Nate eneitanga ku lubalama lwo muga ogwo oluli ku mukono ogwa kono nga omuga bweguserengeta okutusa ku Nabutale wafukira ku Katonga. Nate ensalo eneitanga ku muga ogwo ku lubalama olwa kono okutusa ku kifo ekyolekera omuga oguitibwa Changaga wafukira ku Katonga. Nate ensalo enesalanga mu Katonga neita ku lubalama olwadyo olwomuga ogwo oguitibwa Changaga okutusa ku muga wegusibuka. Nate okuveyo ensalo eneitanga ku bukika obwadyo ku bugwanjuba okutusa ku muga oguitibwa Byoloba wafukira ku nyanja eitibwa Kachira. Nate okuveyo enesalanga wakati mu nyanja eyo okutusa ku nyanja eyo wekoma ebuvanjuba ku bukika obwadyo mu kifo omuga oguitibwa Bukola weguvamu enyanja eyo. Nate okuveyo ensalo eneitanga ku bukika obwadyo okutusa ku nsalo eyensi ya Badaki. Nate okuveyo ensalo eneitanga ku nsalo eyatesebwa Abangereza na Badaki, okutusa ku nyanja ye nyini Nalubale. Nate enesalanga mu nyanja bweti kubanga ebizinga byona ebya Basese biriingizibwa mu Buganda awamu ne bizinga bino ; Lujabwa (ye Kosi), ne Mazinga, ne Bugaya, ne Lufu, ne Igwe, ne Buvuma, ne bizinga ebiitibwa Lingira. Nate ensalo bweva Elingira enesalanga mu nyanja wakati Nanso ne Namugongo okutusa ku Bugungu ku Kiira ensalo wesokera.

Ate walemenga okubawo okubusabusa kitegerebwe dala nti bwetusala ensalo bwetutyo tuingiza mu Buganda ebizinga byona byona ebiri mu nyanja eriranye Buganda awamu ne bizinga ebyo byetumenye wagulu.

2. Okusoka lero Kabaka we Buganda, na Bami bayo, bakiriza olwendagano eno, okuwa Kwini Vikitolia obuinza bwabwe bwona okusoloza ensi zona eziriranye



Buganda. Era okusoka lero kyetuvude tuleka okusolozanga ensi ezo.

3. Mu songa zona ezensi eziitibwa Pulotekitolati ye Buganda, Obwakabaka bwe Buganda bunaberanga ne kitibwa ekyenkanankana ne kitibwa ekyekitundu ekirala kyona ekiribawo nga Pulotekitolati bwerisalibwamu.

4. Omusolo gwona ogwo mu Bwakabaka bwe Buganda, gunakung'anyizibwanga Abagavumenti ye Buganda gunatekebwanga wamu nomusolo gwona omulala ogunavanga mu nsi endala eziri mu Pulotekitolati eno.

5. Amateka ago Abagavumenti ya Kwini gebanatekeranga Pulotekitolati ye Buganda yona ganafuganga Obwakabaka bwe Buganda bweganatabagananga ne bigambo bye ndagano eno. Naye amateka ago bwe gatatabagananga nebyo, ebigambo bino ebyendagano eno binafuganga Obwakabaka bwe Buganda.

6. Kabaka, Nabami, Nabaganda bona, bwebanakwatanga bulungi amateka aganatekebwanga Abagavumenti ya Kwini era bwebanaberanga obulungi Abagavumenti abo okufuga nokulongosa ensi ye Buganda : Abagavumenti ya Kwini basubiza okukirizanga Kabaka we Buganda nga ye Kabaka afuga Buganda nga akumibwa era nga atwalibwa Kwini Vikitolia ye nyini. Okusoka lero Kabaka we Buganda anaitibwanga His Highness Kabaka we Buganda. Naye Kabaka bwalifa omusika alirondebwa Abolukiko abalisinga obungi bwebalimusima. Naye omusika oyo talemenga kulondebwa mu bazukulu ba Mutesa Kabaka. Era erinya lyomusika oyo Abolukiko gwebalironda liriwerezebwa Abagavumenti ya Kwini okulaba nga balimusima. Era bwekityo tewabengawo Kabaka we Buganda Abagavumenti ya Kwini gwebatakakasizenga ekitibwakye. Nate Kabaka we Buganda anafuganga Abaganda bona awatali mulala kumulagira, naye anasalanga emisango gyona nga atesa awamu na Bolukiko na Bami abalala nga Abagavumenti ya Kwini bwebanakirizanga. Naye emisango gyabantu bona abatali Baganda tegisalirwenga mu Lukiko lwa Kabaka we Buganda. Enkiko za Kabaka zinainzanga okusala emisango gya Baganda egiri eminene enyo era noku'ta abantu. Naye tewabengawo muntu omu ali'tibwa Kabaka, oba Abolukiko, wabulanga Balozi amaze okukiriza. Era nate abantu banainzanga okujulira Olukiko lwa Kwini Vikitolia oluli-

bawo mu Buganda, bwebanasalirwanga okusibibwa emyaka egisinga etano, oba bwebanaliisibwanga zabu kikumi nokusingawo. Era nate mu misango gyona emirala eginasalirwanga mu Nkiko za Kabaka, Balozi bwanagirowozanga nga tegisalidwa bulungi, oba okubonyabonya okusukiride, anainzanga okuziiza Kabaka, era ne Kabaka talemenga okudamu mu misango egyo.

Kabaka we Buganda tawebwenga buli mwaka ezabu ezitawera lukumi mu bitano (£1,500). Abagavumenti ya Kwini banamuwanga ezabu ezo, naye banazigyanga mu musolo ogunasolozebwanga mu Polotekitolate ye Buganda. Naye Kabaka ono nga bwakyali omuto, mu kifo kyezabu ezo Omuwanikawe anawebwanga buli mwaka zabu lukaga mwatano (£650), era mu zabu ezo mwanagyanga byona ebikola emirimugye ne byanagabiranga Abomulubirirwe. Era nate Kabaka nga bwakyali omuto Barijenti banawebwanga buli mwaka zabu ebikumi bina (£400). Buli Kabaka we Buganda anakirizibwanga nga akuze bwalimala emyaka ekumi nomunana(18). Nate omuzinga gunavuganga emirundi mwenda olwekitibwa kya Kabaka we Buganda bwekinamusaniranga okuwebwa ekitibwa ku naku enkulu.

7. Namasole nyina Daudi Chua Kabaka, anawebwanga buli mwaka okutusa okufakwe zabu atano (50). Naye Banamasole abalala abalibawo tebasubizibwa zabu ezo olwendagano eno.

8. Omusango gwona ogwo Muganda no Munagwanga ogutali gwa Baganda boka naboka gunasalirwanga mu Nkiko za Balozi zoka.

9. Olwensonga ezokufuga ensi ye Buganda nga Abaganda be nyini bwebanagifuganga Obwakabaka bwe Buganda bulisalibwamu amasaza gano :

1. Kyadondo.
2. Singo.
3. Kyagwe.
4. Bulemezi.
5. Busiro.
6. Mawokota.
7. Gomba.
8. Budu.
9. Busuju.
10. Butambala.
11. Buwekula.
12. Koki.
13. Buyaga.
14. Bululi.
15. Kabula.
16. Sese.
17. Buganga'zi.
18. Bugerere.
19. Mawogola.
20. Buvuma.



Buli Saza linatwalibwanga Omwami omu era analondebwanga Abami ba Kabaka, naye ekitibwakye kinakakasibwanga Balozi.

Era nate buli Owesaza anawebwanga buli mwaka zabu ebikumi bibiri (£200), ezinagyibwanga mu musolo gwensi ye Buganda. Buli Owesaza analagirwanga Abagavumenti ye Kwini ne Kabaka emirimu gino, okusalanga emisango gyona gyabo batwala, nokubalanga enyumba ne mundu nokusolozanga omusolo gwabyo, era nokulimanga nokutindanga engudo zona, era nokulabiriranga Esazalye lyona. Buli nsonga enebangawo mu Sazalye anajuliranga Abami ba Kabaka, era nabo be banamulagiranga, wabula ensonga ezokusoloza omusolo gwona mu Sazalye. Abagavumenti ya Kwini bwebalitesa ebigambo bya Bapulisi, buli Owesaza aliwebwa Abapulisi bamu okumuberanga okufuga obulungi Esazalye. Mu bigambo byona ebyokusoloza Owesaza anatwalibwanga Balozi ye nyini. Ate bwanalabikanga nga tasoloza bulungi Balozi anainzanga okulagira Kabaka okugoba Owesaza oyo nokuteka omulala mu kifokye. Mu buli Saza ekitundu kyensi ekitasinga mairo munana kinayawulibwanga kulwowesaza, era Omwami atwala Esaza eryo anatwalanga ebimera byamu byona nga akyali mu Saza eryo.

10. Kabaka we Buganda anainzanga okulonda Abami basatu okumuberanga okufuga obulungi ensiye, nga Balozi bwanasimanga abalondebwa bwebatyo. Naye Abami abalondebwa awatali Balozi okukakasa ekitibwa kyabwe, tebakirizibwenga. Abami abo abasatu banaitibwanga bwebati : Omwami asinga obukulu anaitibwanga Katikiro, owokubiri anaitibwanga Mulamuzi, owokusatu anaitibwanga Omuwanika asinga Obukulu alongosa ebyalo nebintu byona ebya Kabaka. Era nate Abami abo abasatu banawebwanga kinomu buli mwaka ezabu ebikumi bisatu (£300). Abagavumenti ya Kwini banabawanga zabu ezo nga bazigya mu musolo ogusolozebwa mu Pulotekitorati. Naye Kabaka nga bwakyali omuto, Abami abo bonsatule banaitibwanga Barijenti, era bwebanabanga bakyakola emirimu egyo banawebwanga buli mwaka zabu ebikumi nina (£400) kinomu. Balozi oba musigirewe anainzanga okulaba Kabaka buli wanayagaliranga era anainzanga okutesa ebigambo byona ebye Buganda awamu ne Kabaka mu kyama, oba Kabaka nga bwakyali

omuto awamu ne Barijenti; naye emisango gya bulijo Abami abo abasatu be banagisalanga kulwa Kabaka era nga batesa na Bagavumenti ye Buganda. Era nate Katikiro olwobwamibwe anabangawo nga ye mukulu wo Lukiko; era nomwami oyo aitibwa Omulamuzi anadiriranga Katikiro mu Lukiko olwo; era wanabangawo Abami abo bombiriri bwebatabengawo, Omuwanika asinga Obukulu we byalo ne bintu bya Kabaka, ye Mwami owokusatu, anabangawo okuba omukulu wo Lukiko.

11. Abolukiko be bano: Abami abasatu abasingako ekitibwa olwobwami bwabwe, era na Bamasaza abo amakumi abiri, abo bona banaberanga Abolukiko olwobwami bwabwe. Era nate buli Owesaza anainzanga okulonda omuntu omu abenga omubakawe mu buli Lukiko nokwogerera mu kifo kyo Mwami oyo. Naye Owesaza nomubakawe tebainzenga kubawo mu Lukiko awamu. Era nate Kabaka analondanga abakulu basatu mu buli Saza okuberanga mu Lukiko nga bwanasimanga. Era nate Kabaka anainzanga okuyongerako kubo abantu mukaga abalala abekitibwa baberenga mu Lukiko. Naye Kabaka bwanayagalanga ainza okugoba omuntu aleme okubera mu Lukiko, naye bwanatesanga okukola bwatyo, anategezanga Balozi, era Balozi bwatakirizenga tamugobenga mu Lukiko. Emirimu gya Abolukiko gye gino: Okutesanga ebigambo byona ebyokufuga ensi ye Buganda era nokuwerezanga Kabaka ebigambo byona Abolukiko abasinga obungi byebagala okukakasa mu nsi ye Buganda. Era nate Kabaka anasokanga okutesa ne Balozi alyoke atekere abantu amateka agakirizibwa Abolukiko. Era nate mu bigambo ebyo Kabaka anakwatanga amagezi ga Balozi ganamusaliranga. Era Abolukiko bona, oba Abolukiko bamu, abanalonderwanga emirimu gino banawuliranga abantu abanajuliranga, nga bamaze okusalirwa omusango mu Bamasaza. Naye mu misango gyona egitwala ebintu ebingi okusingawo zabu etano (£5), oba okusiba omuntu okusingawo enaku omusanvu, abantu banainzanga okujulira Olukiko lwe nyini. Era mu buli musango ogutwala ebintu, oba mabanja, ebisingawo zabu ekikumi (£100), oba kusibibwa okusingawo emyaka etano, oba oku'tibwa, emisango bweginabanga bwegityo Abolukiko banajuliranga Kabaka, era naye bwanasalanga nga Balozi bwanasimanga tewabengawo okujulira awalala.



Naye Abolukiko tebasalenga misango gya Bazungu newakubade abantu abalala abatali Baganda. Era tewabengawo muntu nomu analondebwanga okubawo mu Lukiko atali Muganda. Era Kabaka bwanalondanga abantu abokubera mu Lukiko takeberenga ngeri ya dini yabwe bweri. Kinamugwaniranga okugoberera amagezige nokukola nga Balozi bwanamusaliranga amagezi. Nate bwekityo abantu abengeri zona eze dini ezikirizibwa mu Buganda banaberanga Abolukiko nga omuwendo gwa bantu abakiriza buli dini bwegunabanga.

12. Abaganda balyoke baletenga ekitundu ekibagwanira ekye bintu ebinagabirwanga okukoza emirimu egyo mu Pulotekitorate ye Buganda, banasolozebwanga buli mwaka olwe mirimu egyo. Era omusolo ogwo gwona gunatwalibwanga Balozi okuba omugabo gwa Baganda gwebawayo ogunagabirwanga bona abakola emirimu gyona egyo mu Pulotekitorati Omusolo ogunasolozebwa kakano gwe guno:

(1) Omosolo gwe nyumba. Buli nyumba ye ngeri yona esulibwamu enesolozebwanga Rupiya satu buli mwaka.

(2) Omusolo gwe mundu. Buli muntu alina emundu eyengeri yona yona anasolozebwako Rupiya satu buli mwaka.

Obwakabaka bwe Buganda bunawangayo empoza yona Kwini Vikitolia gyanalagiranga mu Pulotekitorati wona wona kulwe bintu era ne kulwa *betisi*. Empoza eno, olwensonga ezokwawula ebigambo, einza okuitibwa empoza eyebweru. Naye tewabengawo ekintu ekirala ekiri muno mu Buganda ekinasolozebwanga wabula ebintu ebyo byoka enyumba ne mundu, wabulanga Kabaka na Bolukiko abasinga obungi okukikirizanga. Naye okusubiza okwo tekuganenga empoza enewozebwanga mu kifo olwe mirimu egyokulongosa ekifo ekyo; nga empoza bwenesolozebwanga olwo kulimisa engudo, oba okusima olu'zi mu kifo ekitalimu ma'zi oba okuwoza ebintu ebinaletebwanga mu katale, oba emirimu emirala egikolwa olwokubera abantu bona abali omwo. Era nate okusubiza okwo obutasoloza kirala tekuganenga okusoloza abantu olwe mirimu egyo Buserikale, newakubade okusolozanga abantu okulimanga nokutindanga engudo eziri okumpi newabwe.

Buli nyumba esulibwamu enesolozebwanga. Naye enyumba ezitasingawo nyumba nya, era ezizimbidwa awamu mu kisakate ekimu, era ezisulibwamu omusaja omu ne mukaziwe, oba abakazibe enyumba nga ezo zinasolozebwanga nga enyumba emu. Era nate enyumba endala ezitasolozebwenga ziri bweziti : Ensisira ezikuma ensuku, era ne nsisira ezizimbirwa abaise mu ngudo, era nebigya, ne kanisa zona, ne mizigiti gyona, na masomero gona agatasulibwamu ekiro newakubade emisana. Era nate amayumba ga Kabaka agali mu Lubiri agatasingawo amakumi atano ; era namayumba ga Namasole agatasingawo amakumi abiri ; era namayumba ga Bami abasatu abasinga obukulu, na mayumba ga Bamasaza, agatasingawo ekumi ; enyumba ezo eziri bwezityo tezisolozebwenga : naye bwewanabangawo okuwakanira enyumba obutasanira okusolozebwa, Omuzungu Omusoloza anasalanga empaka ezo awatali kujulira walala. Era Omusoloza oyo anainzanga okulagira Owesaza okusonyiwa omuntu omusologwe bwanalowozanga omuntu oyo nga tainza kufuna musolo ogwo. Omusoloza oyo anabanga Balozi ye nyini oba musigirewe. Balozi, ye mubaka wa Bagavumenti ya Kwini Vikitolia eyatumibwa mu Pulotekitorati ye Buganda, anainzanga okulagira buli muntu okuleta emere, oba okukola emirimu, nga bwanasimanga, okutusa omusologwe lweguligwayo eri oyo atalina Rupiya.

Buli muntu alina emundu, oba akwata emundu, eyengeri yona yona ezitekebwamu obuganga bwengeri yona, oba engeri ezo ezitekebwamu empewo, anasolozebwanga kulwe mundu eyo. Naye emizinga gyona ginawerebwanga Abaganda obutabanga nagyo. Buli Muganda anawangayo Rupiya satu, anainzanga okubera ne mundu, oba okukwata ku mundu, okukoma ku mundu tano. Naye buli mundu endala gyalinayo okukoma ku tano era, anayongerangako okuwayo Rupiya esatu endala. Naye abatasolozebwenga be bano : Kabaka anakirizibwanga emundu amakumi atano ezitawererwenga musolo, era anainzanga okukwasa abadube atano emundu ezo. Era ne Namasole bwatyo anakirizibwanga emundu kumi ezitawererwa musolo, nokuzikwasa abadube ekumi. Era buli omu mu Bami abo abasatu abasinga obukulu, be bano (Katikiro, no Mulamuzi, no Muwanika asinga Obukulu owe byalo ne bintu bya Kabaka), anakirizibwanga emundu



amakumi abiri ezitawererwa musolo, era nate banainzanga okuzikwasa abadu babwe amakumi abiri emundu ezo. Era Abamasaza bwebatyo banakirizibwanga buli mwaka emundu kumi ezitawererwa musolo. Era nate buli omu ku Bolukiko atali Owesaza anakirizibwanga emundu esatu. Era na buli muntu alina ebyalo ebisinga Eka (Acre), ebikumi ebitano (ebyalo ebyo ebifanana Olubiri emirundi ebiri), anakirizibwanga buli mwaka emundu emu etawerwa musolo.

13. Tewali kigambo mu ndagano eno ekinaziizanga Kabaka we Buganda obutasoloza buli akyalina amanyi mu bantube nga obuinzabwe kwebuli okuva eda, balwanirire ensi ye Buganda. Naye okusoka lero Kabaka tasolozenga bantu okulwanirira ensi wabula nga Balozi bwanakirizanga era bwanamulagiranga. Entalo bwezitaberengawo baserikale ba Gavumenti ye Buganda banamalanga okukuma ensi, naye Balozi bwanalabanga nga kirungi okuyongera omuwendo gwa baserikale analagiranga Kabaka okusoloza abantu okuingira mu baserikale nga bwanakisimanga. Ebigambo bwebiribawo bwebityo Abagavumenti ye Buganda be banabalabiranga baserikale abo ebyokulwanyisa byabwe.

14. Engudo zona eziri mu Bwakabaka bwe Buganda, era ne ngudo ezo Abolukiko zebanalagiranga okutemebwa nga Balozi bwanakirizanga, zinalimibwanga era zinalongosebwanga obulungi Owesaza oyo atwala Esaza ekubo mweririita. Era buli owesaza anabanga namanyi okusoloza abantu mu buli kyalo kyona kyona okulongosa engudo enene ; naye anasolozanga omuntu omu yeka mu buli nyumba esatu ; era Owesaza anakozanga abantu abo emirimu gye ngudo omwezi gumu gwoka buli mwaka. Abazungu bona era na bantu bona abatali Baganda abalina ebyalo byabwe okumpi ku ngudo banasolozebwanga Abagavumenti ye Buganda emirimu oba ebintu olwokubera okulongosa engudo ezo. Abagavumenti ye Buganda ebintu bwebinaweranga banainzanga okugyako ebintu ebyawulidwako olwokulongosa ensi, nokugabira abatema engudo empya, oba kugabira abo abategana enyo okulongosa engudo eziita mu bifo ebitalina makubo malungi.

15. Mu Bwakabaka bwe Buganda, nga ensalo bwesalidwa mu ndagano eno mairo ezirimu zifananaanga kakumi

-mu kenda mu lukaga (19,600). Ensi yona mu Bwakabaka bwe Buganda erigabwanwa bweti :

| | | |
|---|---|---|
| Ebibira ebiritwalibwa Abagavumenti ye Buganda mairo lukumi mu bitano .. | | 1,500 |
| Enkola ne mitala ne tale lyona ebiriwebwa Abagavumenti ya Kwini Vikitolia era ebinakumibwanga Abagavumenti ye Buganda mairo kenda .. .. .. | | 9,000 |
| Ebyalo ne tale lyona erya Kabaka we Buganda biriba mairo ebikumi bisatu mwatano .. .. .. .. .. | | 350 |
| Ebyalo ne tale lyona erya Namasole, biriba mairo kumi na mukaga .. .. .. | | 16 |
| (Naye Kabaka ono Daudi bwalifa, era bwewalibawo Namasole omulala, nyina Daudi alikirizibwa okusigaza mairo mukaga okuba obutakabwe, ne mairo ekumi ezirisigalawo zinatwalibwanga buli Namasole alidangawo.) | | |
| Ebyalo netale lyona erya Namasole, nyina Mwanga biriba mairo kumi .. .. | | 10 |
| Abalangira bona : Yusufu, Augustino ne Ramanzani, ne Yusufu Suna baliwebwa buli omu kwabo mairo munana, okugata awamu zemairo asatu mubiri .. .. | | 32 |
| Abambeja baliwebwa mairo kyenda .. | | 90 |
| Abamasaza abo amakumi abiri baliwebwa okuba obutaka bwabwe buli muntu mairo munana, okugata awamu ze mairo kikumi mu nkaga .. .. .. .. | 160 | |
| Era Abamasaza abo olwe mirimu gyabwe, baliwebwa mairo munana buli muntu, okugata awamu ze mairo kikumi mu nkaga .. | 160 | |
| | | 320 |
| Barijenti abasatu baliwebwa buli muntu okuba obutakabwe mairo kumi na mukaga, okugata awamu ze mairo amakumi ana mu munana .. .. .. .. | 48 | |
| Era buli Rijenti olwemirimugye aliwebwa mairo kumi na mukaga ; bwatyo buli Rijenti alidawo aliwebwa mairo kumi na mukaga, okugata awamu ze mairo amakumi ana mu munana .. .. | 48 | |
| | | 96 |
| Mbogo Omulangira Omuisiramu, aliwebwa ye nabadube, mairo abiri mu nya .. | | 24 |
| Kamuswaga, Owesaza owe Koki, aliwebwa mairo amakumi abiri .. .. .. | | 20 |
| Abami abo abalala, abawera nga lukumi, nabantu abalala baliwebwa ebyalo byabwe nga bwebababade nabyo lero, okugata awamu ebyalo ebyo mairo kanana | | 8,000 |
| Abemisani abebibina ebisatu ebiri mu Buganda okugata bona baliwebwa mairo kyenda mu biri .. .. .. .. | | 92 |
| Naye ekitundu ekyensi kyebaweredwa bwebatyo kinazikolera ekanisa ze Buganda emirimu gyazo. | | |
| Abagavumenti balitwala olwemirimu gyabwe ekitundu kyabwe ekyensi kyebawebwa eda nga endagaano eno tenaba kubawo, nga Kampala, ne Ntebe, ne Masaka ne birala okugata awamu mairo atano ... .. .. .. .. | | 50 |
| Okugata mairo zona .. .. | | 19,600 |



Era bwebalirambula obulungi Obwakabaka bwe Buganda nebalaba nga ensi tetuka mairo kakumi mu kenda mu lukaga (19,600), ekitundu kye nsi ekyawebwa Abagavumenti ya Kwini kirisalibwako bwekiti omuwendo gwa mairo eziwandikibwa gufananenga ensi bweyenkana.

Naye bwaliraba nga ensi esingawo mairo akakumi mu kenda mwolukaga ekitundu ekiitiride kirisalibwamu ebitundu bibiri : Ekimu kiriyongerwako ku kitundu ekyawebwa Abagavumenti ya Kwini, nekirala kiriyongerwako Kabaka ne Barijenti ne Bamasaza nga bwekinasaniranga.

Ekitundu kyensi ekya mairo akenda (9000) ekirimu

enkola ne mitala ne nsiko, era ne mitala egyo egisimbidwa abakopi oba abagenyi ku mitala egitagabirwa Kabaka oba Abami, ekitundu ekiri bwekityo, olwe ndagano eno kiwebwayo eri Kwini Vikitolia Kabaka we Bungereza era owe nsi ye Buindi era no Mukumi we Buganda. Naye ebinavanga mu kitundu ekyo binatekebwanga ku musolo ogunasolozebwanga mu Pulotekitorati ye Buganda yona.

Ebibira biritwalibwa Abagavumenti okubikumanga ebyo ebitaliko banyinibyo era ebitali bya bitundu wabula ebiri awamu, era nate ebibira ebisanide okukumibwanga biryoke bibere ebibira bye Buganda.

Abolukiko baligabira buli muntu nga bwekimugwanira ebyalo ne tale mwebyo ebiwera mairo akanana, naye buli muntu bwananyiganga anainzanga okujulira Kabaka bwanayagalanga. Abolukiko be banatesanga ebigambo byona ebye ebyalo ebyo, okulonda abantu abasanira ebyalo ebyo, era nokuteseza buli muntu bwanatwalanga kwebyo: naye kinabagwaniranga Abolukiko obutasobya mairo akanana (8,000) bwebaligabira Abami na Baganda abalala ebyalo ebyo.

Abazungu ne Banagwanga abalala abalina ebyalo oba mitala nga Abagavumenti ye Buganda bwebakiriza, balimebwa ebaluwa ezokukakasa ebitundu byensi ebyo nga Balozi bwanasimanga okubawandikira. Ebyalo Barijenti na Bami abasatu abasinga ekitibwa, na Bamasaza, byebaliwebwa olwobwami bwabwe, binaberanga byalo byabwe nga bakyali mu bwami obwo.

Abagavumenti ya Kwini banainzanga okutema no kutinda engudo ezokutambulirangamu ne bigere, era ne ngudo ze gali yo muka, era nate banainzanga okutema emyalo gya ma'zi eginaitirangamu amato, era no kusimba ekyuma ekyogererwamu, era no kusimba ebigo wona wona nga bwebanayagalanga mu byalo ne ku mitala, naye basubiza obutatwalanga bwebatyo ekitundu kyekyalo, oba ekyomutala, ekyomuntu yena ekisinga ekyekumi obutalema kumugatanga nanyini kitundu ekyo. Era nate basubiza okugatanga buli muntu bwanafirwanga bwatyo emirimugye oba emereye, oba nyumbaye.

16. Okutusa Abagavumenti lwebaliyatula amateka aganafuganga ebibira, tekiinzika okutegeza obulungi Abaganda bwebanalagirwanga ebibira ebyo; naye Abagavumenti ya Kwini basubiza nti bwebaliteka amateka ago



balitesa bwebatyo Abaganda banainzanga okutemera obwerere empagi ezenyumba, no kusenya enku no kutwala ebirala ebiva mu bibira ne mu mutala ne mu tale, wabula okwonona ebibira ebyo kyoka.

17. Amateka gamainja ago muwendo, na ge byuma ebyengeri zona ge gano: Ebintu nga ebyo bwebinavumbulibwanga binatwalibwanga nanyini kyalo, oba tale oba kifo webinavumbulibwanga, ekitundu ekyekumi mwebyo kinatwalibwanga Abagavumenti ye Buganda. Naye bwebinavumbulibwanga ku tale, oba mu byalo ebitwalibwa Abagavumenti ye Buganda binatwalibwa Abagavumenti ye Buganda; naye tebalemenga kuliira eyali alimirayo byona byanafirwanga, era nate nokumulabira awalala ku mitala gyebatwala ekitundu ekyenkanankana nekyo kyebamugobamu. Obuinza bwona okusima no kutwala amainja ne byuma ebinavumbulibwanga ku nsi ezitalina nanyinizo binaberanga mu mikono gya Bagavumenti ye Buganda nga abasigire ba Kwini Vikitolia. Era bwekityo ebibira byona ebitali mu bitundu byensi ebiriko bananyinibyo okusoka lero binatwalibwanga Kwini Vikitolia.

18. Kubanga Kwini Vikitolia aweredwa obuinza bwona okukolera Abaganda byanayagalanga ekitundu kyensi kyenkanankana ne mairo kakumi mu bitano mwatano, ekirimu ebibira ne nsiko, ne nkola, ne byalo, kyava akiriza okuwa Kabaka zabu ebikumi bitabo (£500) okuterekebwa kululwe okutusa lwalikula. Era nate Barijenti bonsatule Kwini Vikitolia akiriza okubawa zabu lukaga (£600) okwawulamu bwekiti: Apolo Katikiro okuwebwa zabu ebikumi bisatu (£300), ne Mugwanya zabu kikumi mwatano (£150), ne Kangawo okuwebwa zabu kikumi mwatano (£150).

19. Kwini Vikitolia asubiza okuwa Mbogo, Omulangira Omusiramu, zabu ebikumi bibiri mwatano (£250) buli mwaka okutusa okufakwe, bwanakirizanga okuwa Kwini Vikitolia obuinzabwe bwona bwali nabwo mu nsi ye Buganda, wabula obuinza obwo endagano eno bwemusubiza.

20. Obanga Abagavumenti ye Bunganda baliwebwa mu myaka ebiri egigenda okuja nga bamaze okukakasa endagano eno, omusolo ogulisolozebwa mu Bwakabaka bwe Buganda ogutatuka ku kitundu ekyenkanankana ne

kinakyo kya musolo ogwo ogusanira olwomuwendo gwa bantu okubera nga bweguli : oba mu biro ebigenda okuja omusolo ogwa buli mwaka teguliwera ekitundu ekyenkana ne kitundu kinakyo kya musolo ogugwanira abantu : era oba Kabaka, oba Abami, oba Abaganda abalala ngabalijemera okukuma kwa Kwini Vikitolia : kale ebigambo bwebinabangawo bwebityo Abagavumenti ya Kwini Vikitolia tebaliinza okutukiriza byebasubiza mu ndagano eno.

Naye omusolo ogusolozebwa enyumba ne mundu bwegulisusawo mu myaka ebiri egiriranye, zabu obukumi obuna mwenkumi etano buli mwaka, kale omusolo bwegunabanga bwegutyo Kabaka na Bamasaza banainzanga okujulira Abagavumenti ya Kwini Vikitolia empera ya Kabaka, era ne mpera ya Bami abasatu abasinga obukulu, era ne mpera ya Bami abalala neryoka eyongerwako ; ate empera yabwe eneyongerwangako nga omusolo bwegusukiride, nga bwekiyogedwako wangulu.

21. Mu ndagano eno wona wona ebigambo bino " Gavumenti ye Buganda " amakulu gakyo okufuga nokukuma okwa Kwini Vikitolia kwanakirizanga okukakasa mu Pulotekitorati ye Buganda ; era nate ekigambo kino " Balozi " amakulu gakyo omubaka owengeri yona Kwini Vikitolia gwanatumanga Ebuganda okutesa no kulagira ebigambo byayo.

22. Bwewanabangawo okubusabusa amakulu ge bigabmo ebyendagano eno, emisango ginasalibwanga era ginakirizibwanga fe abalagana erui nerui nga ebigambo bwebiri mu Lungereza.

Endagaano eno yawandikibwa mu Lungereza era ne mu Luganda Emengo mu nsi ye Buganda ku lunaku 10 mu mwezi March 1900.

Balozi ye nyini nga aima mu linya lya Kwini Vikitolia, Kabaka we Bungereza era owe nsi ze Buindi.
H. H. Johnston.

Akabonero.

Fe nga tuima mu linya lya Kabaka, ne lya Bami, ne lya Baganda bona.
Apolo Katikiro Regenti.
Katikiro Mugwanya Regenti.
Mbogo yatekako akabonero.
Zakaria Kizito Kangawo Regenti.
Pokino Sebowa.



Yakobo Kago.
Mukwenda Paulo.
Kamuswaga yatekako kabonero.
Kulwa Kabaka ne Bami nabantu bona.
Abajulirwa.
Matayo Mujasi.
Mesusala Sekibobo yatekako kabonero.
Matayo Kaima — James Francis Cunningham.
Yakobo Kitunzi. — Alfred R. Tucker, Bishop of Uganda.
Kasuju Yasanti Semindi. — Henry Hanlon, Vicar Apostolic of Upper Nile.
Andereya Kimbugwe.
R. H. Walker.
Seremu Mujasi yatekako kabonero.
Cyprien Luwekula.
Nova Jumba Gabunga.
Serwano Muwemba.
Feridina Kyambalango.
Semioni Sebuta Mutengesa.
Saulo Lumama.
Yokana Bunjo. — Njovu Yusufu yatekako kabonero.
Yosefu Katabalwa.
Zakayo Kibale.
Hezekiya Namutwe.
Ali Muwenda yatekako kabonero.

Abajulirwa."

Mu bbaluwa Johnston gye yawandiikira mukyala we yawandiika nti :

" Endagaano nnagissaako omukono mu kivvulu n'ekitiibwa kinene e Kampala, ekifo kya Gavumenti ekiriraanye ekibuga kya bannansi eky'e Mmengo, oluvannyuma nnagabula Abaami, Abalabirizi n'abakungu (officials abakulu). Omusajja oli omulungi Jackson, Commissioner Omumyukamyukanya, yatufumbira ekyekiro ekinyuvu akawungeezi ako, ate Abaami, ekibuga kyonna ne bakimulisa mu ngeri emu eyaabwe ey'okutambulira mu nnyiriri nga bakutte emimuli.

" Nninga aganze ennyo eri abaami Abaganda, oba lwaki, simanyi mpozzi lwa kubayisa kumpi bumu nga bwe nnandiyisizza Aberu abayisa ng'abantu balamu. Endagaano eno ye eneebeera entandikwa ya Uganda."

Endagaano eyawandiikibwa Johnston nga 13 February, 1900 eyolekwa mu muzingo ogulimu Endagaano za Bannansi n'Amateeka ga Bannansi ebadde kalunsambulira

w'okulowoozalowooza okungi n'entotto ennyingi na guno gwaka. Egamba bw'eti :

"Ng'enzikirizaganya ey'akamwa bw'eri eyatuukiddwako olwa leero wakati wange ne Katikiro, Kangao, ne Mugwanya, olulimala okukuba mailo mu Uganda, nsuubizza okuwa obugazi bw'ettaka obwolekeddwa wano nga nnyongera okulyira abantu aboogerwako ;

| | | |
|---|---|---|
| Katikiro Apollo | .. .. .. | Mailo 20 |
| Mugwanya .. | .. .. .. | Mailo 15 |
| Kangao | .. .. .. | Mailo 10 |

"Nga nnyongereza okwo ndiwa Apollo ente 100 eza Gavumenti okuva mu kitundu ky'e Kavirondo, oba Mumias oba Ugowe, wonna w'alibeerera omwetegefu okutuma basajja be okuzireeta, Endagaano eyo ekyusibwa kaakano kasita eteekebwako ddala emikono."

Johnston avunaanibwa okugulirira Baregenti okussa emikono ku Ndagaano, era siwali kubuusabuusa nti mu mazima yalamuzaganya nabo mu ngeri zombi ng'abantu ku bwabwe, ate era ng'abakulembeze b'ekibiina ekifuzi ekya bannannyini ttaka. Ekimutaasa, kya kubeera ng'awatali kubuusabuusa, yali akakasa nti kye yeetaaga okukola kya kuganyula nsi, era engeri ey'obutiribiri Abaganda gye bassaamu ekitiibwa n'okukuuma Endagaano yaabwe, bwe bukakafu obumala nga Johnston yali mutuufu. Mailo 45 n'ente 100 zaali muwendo mutono okusasulira okussaawo emisingi gy'obufuzi n'okugenda mu maaso gye bujja ; ate mu mazima, kyavumbulwa nti Olukiiko bwe lwamala okugaba mailo okusooka, waafikkawo mailo ezisukka 1,000 ezaateekwa okugabwa obuto.

Kyokka era Johnston siyandisobodde kukkirizisa Ndagaano lwa kufuna kukkirizaganya na Baregenti abasatu ku bwabwe kinnoomu. Si baami bokka aba wansinsi be baali bateekwa okukkusibwa obwenkanya bwayo, naye era n'abakulu ba Minsani (zonna) abandisobodde amangu, awamu n'abagoberezi baabwe, okuziyiza Endagaano etaganyulira ddala Baganda okuteekebwako emikono.

Ate nno ekyewuunyisa, eyasinga okunonooza emize mu Ndagaano, ye Sir Clement Hill ow'omu Ofiisi ekola ku by'Amawanga. Johnston yalondebwa Lord Salisbury, Omukungu akola ku by'Amawanga omutuuluvu, ajje e Buganda, so nga abamu ku bakungu ab'olubeerera ab'omu Ofiisi eyo ekola ku by'Amawanga nga ne Sir Clement Hill akulira ekitongole eky'eby'Africa ali omwo, sibaakisiima n'akatono. Abasajja bano bandisinze kusiima omu ku



bo ye aba aweebwa ekifo ekyo, bwe butasiima kulondebwa kwa *w'ebweru*' newakubadde mugezi atya.

Sir Clement Hill yakola eky'enjawulo, era ekyali kitakolwangako eky'okukyalira Uganda ye mwene n'ayita abafuzi, Abalabirizi ne Baregenti, mu kakiiko ak'ekyama nga Johnston tayitiddwamu. Omwo mwe yababuuliza obutereevu kye balowooza ku Johnston bye yakola. Bishop Tucker yayatula kaati bonna kye baali balowooza. Sir Clement Hill bwe yalaba bonna bassizza kimu nga nkuyege, ate n'alaba ne ku lulwe Protectorate nga bw'eteese ate ng'egenda mu maaso, yali takyalina kirala kya kukola wazira okukakasa.

Kyongera essanyu okutegeeza nti Sir Harry Johnston bwe yafa mu 1927, Ssaabasajja Kabaka Daudi Chwa yawaayo ekiwandiiko okuteekebwa ku malaalo ge mu luggya lw'ekkanisa e Baling, Sussex. Olwo Kabaka Endagaano yali agimanyidde emyaka 27, era bino bye bigambo bye yalonda :

"Obwesigwa bwe n'obuluŋŋamu bwe mu kukolagana n'Abaganda, biraga nti Bungereza eyagala bonna b'ekuuma beetaaye."

Ebigambo bino ebiddiridde ebikwata ku Ndagaano ya 1900, byakubibwa mu kitabo eky'Endagaano z'abazaaliranwa Gavumenti kye yakubisa mu 1905.

13th October, 1900.

Olupapula luno (lwaterekebwa mu failo y'eby'Ettaka) lwa bigambo bikulu ebifa ku ntereeza y'eby'ettaka mu Uganda. Omubaka eyatumwa bwe yamala okugaba mailo 8,000 ku ttaka ly'e Uganda zigabanyizibwe mu bantu, kyazuulwa mu kugaba okwa nsaleesale nga buli muntu amaze okufunako ezize, waasigalawo ettaka erimu eritaagabwa. Ettaka eryo kwe kugabanyizibwamu mu ngeri eyolekeddwa (era n'engabanya eno eri mu failo y'eby'Ettaka). Era engabanya eno Balozi Omubaka agikakasizza ; wabula kyokka bwe kirisangwa, ettaka lyonna nga limaze okugerwa, ng'omuwendo gwa mailo ogwategeezebwa Olukiiko teguwera, ebyalo byonna bigenda kugenda nga bikendeezebwako, mailo zennyini eziweereddwa abantu zibeerere ddala 8,000 nga bwe kyalagaanibwa (laba Endagaano yennyini mu failo y'Endagaano).

Byandagirwa H.M. Special Commissioner era Commander-in-Chief yennyini.

J. F. Cunningham,

13th October, 1900. Omuwandiisi.

Mmengo, 25th July, 1900.

Mailo 8,000 zino tuzigabidde abaami bonna Abaamasaza, n'abakungu n'abaami aba wansinsi ne wataba anyiiga, ate 1,200 zo ne tuzigaba bwe tuti :

| | |
|---|---|
| Kabaka | 100 |
| Katikkiro | 26 |
| Mugwanya | 23 |
| Kisingiri | 20 |
| Mbogo | 4 |
| Namasole | 10 |
| Lubuga | 5 |
| Abambejja | 10 |
| | 198 |

Era buli ssaza liweereddwa bwe liti :

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| 1. | Sekibobo | 14 | mailo zonna mu ssaza lye | 79 |
| 2. | Mukwenda | 14 | „ „ „ „ | 78 |
| 3. | Pokino | 14 | „ „ „ „ | 78 |
| 4. | Kangawo | 14 | „ „ „ „ | 57 |
| 5. | Kago | 8 | „ „ „ „ | 42 |
| 6. | Mugema | 18 | „ „ „ „ | 52 |
| | Zino zonna ziri | 82 | Okugatta | 386 |

Mugema asinzizza ku bonna kubanga yafiirwa ensuku ze nnyingi.

| | | | | |
|---|---|---|---|---|
| 7. | Kaima | 9 | mailo zonna mu ssaza lye | 31 |
| 8. | Luwekula | 12 | „ „ „ „ | 32 |
| 9. | Kyambalango | 8 | „ „ „ „ | 22 |
| 10. | Kiimba | 7 | „ „ „ „ | 14 |
| 11. | Kamuswaga | 15 | „ „ „ „ | 5 |
| 12. | Kimbugwe | 8 | „ „ „ „ | 22 |
| 13. | Lumama | 7 | „ „ „ „ | 13 |
| 14. | Kweba | 6 | „ „ „ „ | 14 |
| 15. | Mutesa | 6 | „ „ „ „ | 14 |
| 16. | Mbubi | 6 | „ „ „ „ | 14 |
| 17. | Mulondo | 7 | „ „ „ „ | 14 |
| 18. | Kitunzi | 6 | „ „ „ „ | 14 |
| 19. | Katambala | 5 | „ „ „ „ | 9 |
| 20. | Kasuju | 5 | „ „ „ „ | 9 |
| | Abaamasaza | 189 | Mailo zonna ez'abaami baabwe | 613 |



| | |
|---|---|
| Kabaka n'Abaami be | 198 |
| Abaamasaza | 189 |
| Aba wansinsi | 613 |
| Okugatta zonna | 1,000 |

Ku bano twalabamu abaafiirwa mailo zaabwe nnyingi etwava tubongerako.

Wakyasigaddewo mailo 200 ez'okugaba.

Port Alice,

13th February, 1900.

## ENDAGAANO ENDALA

Endagaano ezaagendanga zongerwa ku Ndagaano nkulu :

Endagaano ya Ggombolola 1905.
Endagaano y'Ebibira 1907.
Endagaano y'Okusasula Abaami Empeera 1908.
Endagaano y'e Buganda (Amateeka) 1910.
Endagaano y'e Buganda (Okugabana n'okugera ettaka) 1913.
Endagaano y'Okusasula 1913.
Endagaano y'Okusasula 1920.
Endagaano y'Omusolo gw'Emitwe 1920.
Endagaano y'Emisango gy'Ebika 1924.

## EBITABO EBYEYAMBISIBWA

*The Rise of our East African Empire*, by Capt. F. D. Lugard (1893).
*The Story of the Uganda Protectorate*, by General F. D. Lugard.
*The Uganda Protectorate*, by Sir Harry Johnston (1902).
*The Handbook of Uganda*, by H. R. Wallis (1913).
*Uganda*, by H. B. Thomas and Robert Scott (1935).
*Uganda Land and Surveys*, by H. B. Thomas and A. E. Spencer (1937).
*The British Empire*, by D. C. Somervell (1930).
*New Light on Dark Africa*, by Dr. Karl Peters (1891).
*The Life and Letters of Sir Harry Johnston*, by Alex. Johnston (1929).
*The History of East Africa*, by F. Holderness Gale (1908–9).